OMUSIBE

. . . wano nate, mu Linnya lya Mukama Yesu, n'okuwulira ku mirimu egy'amaanyi era egy'ekitalo gy'okoze, ekiseera ekiyise. Era kaakano tuyimiridde n'okulindirira, ekyo kiyimusa okukkiriza kwaffe era ne kitufukako amafuta, okusobola okukkiriza nti ekyo ekisabiddwa ekiro kino kinaatuweebwa. Ggwe omanyi buli omu ku bo, na byonna bye basabye. Era tubasabira, naddala, Mukama, abo abasemberedde ennyo okufa. Leeta emirembe mu mmeeme zaabwe bwe giba nga tegibaddeemu. Leeta okuwonyezebwa mu mibiri gyabwe. Kikole, Mukama.

2 Wa omukisa okukuŋŋaana kwaffe awamu. Tu—tusaba, Mukama, mu lukuŋŋaana luno olw'okusaba olw'akawungeezi k'Olwokusatu, nti, nga bwe tukuŋŋaanye, nga tukimanyi nti babiri oba abasukkawo we bakuŋŋaanira awamu, ojja kubeera wamu naffe. Era tukusaba, Mukama, otuwe Ekigambo Kyo ekiro kya leero. Yogera naffe, Mukama, era obugumye emitima gyaffe, mu ngeri ey'enjawulo, tusobole okumanya engeri y'okweyisaamu olw'ekiseera ekikulu ekiri mu maaso, nga bwe tukkiriza nti tusemberedde Okujja kwa Mukama.

3 Tukwebaza olw'abantu kaakano abatandise okuzuula nti okukkiriza kwa muwendo gye bali, n'okutegeera okukkiriza kye kutegeeza. N'okumanya, n'okukwebaza olw'enkuŋŋaana eziri mu maaso, nga tukkiriza nti waliwo ky'Ogenda okukola. Mukama, tulindiridde n'essuubi, nga mu nnaku ez'edda, nga tukkiriza nti ekiseera kisembedde w'Ogenda okuggulira amadirisa g'Eggulu ofukumule ebisuubizo Katonda bye yasuubiza okubaawo mu nnaku zino ez'oluvannyuma.

4 Kaakano tukusaba, Mukama, o—obeere nabo bonna, okwetooloola amawanga, nga leero bwe tuwulidde nti bangi okwetooloola wano, ne wonna, abali mu bwetaavu. Bawe okusaba kwabwe, Mukama. Era tusaba okulaba o—omukono gwa Katonda ogw'amaanyi nga gutambula wonna okwetooloola ensi mu abo abanoonya ekintu kino ekikulu.

5 Tusonyiwe ebibi byaffe. Tunenye, Mukama, okuyita mu Mwoyo Wo n'Ekigambo Kyo, tusobole okwetendeka mu mpisa ennungi, tufuuke abaweereza abawulize, abaweereza abawulize mu kukola ebyo Katonda by'ayagala. Leka tujjukire, era tugezeeko okulowooza mu mitima gyaffe, ku ebyo Abakristayo abaasooka bye baakola. Bantu ba ngeri ki be twandisisinkanye ssinga tusisinkana abo abaaliko naawe mu buliwo. Engeri obwenyi bwabwe gye buteekwa okuba nga bwayakaayakana n'okukkiriza n'essanyu. Engeri obulamu bwabwe gye buteekwa okuba nga bwali Kigambo kya Katonda ekiramu, nga baali

“bbaluwa empandiike ezisomebwa abantu bonna,” bwe baatambuliranga mu bantu. Katonda, ddamu okituwe omulundi gumu nate.

6 Leka obulamu bwaffe bubeere nga buweereddwayo nnyo gy’Oli okukugondera, Omwoyo Omutukuvu asobole okubeera omulamu mu ffe, era ayogere okuyita mu ffe, Mukama. Tuyambe okujjukiranga, mu birowoozo byaffe, nga bwe tutambula ku nguudo nga tuyisiŋŋanya n’ensi, nti tetuteekwa kubafaanana. Era tuseguke tubawe ekyanya, Mukama, ekifo kyabwe ekibagwanidde wano ku nsi. Tujja kutwala ekifo eky’emabega, nga tukimanyi nti ffe tuli bakiise abava mu nsi endala. Tulina Obwakababaka obujja okufuga, Mukama. Era Kabaka waffe omukulu anaatera okutuuka awambe obwakababaka bwonna obuli mu ttwale Lye. Era alifuga era aliba n’obufuzi; nga tuli wamu naye wano ku nsi, emyaka lukumi, era tubeere naye emirembe gyonna.

7 Nga tulina kino mu birowoozo byaffe, Mukama, kaakano tulindiridde okwanukulwa kw’okusaba kwaffe. Essuubi lyaffe tulitadde mu kwatula kwaffe. Bwe tuba tulina kye tukoze kyonna, kye twogedde kyonna, oba kye tulowoozezza kyonna, ekikontana n’okwagala Kwo okukulu, leka Omusaayi gwa Yesu Kristo gutulongoose.

8 Tukulembere, Mukama, nga mwanyinnaffe bw’ayogedde akawungeezi kano, ku lugendo lwabwe ye ne bba okugenda mu Chicago. Bakulembere, Mukama Katonda, okugenda mu kifo gy’Osobola okubakozeseza, basobole okubeera ensibuko y’ekitangaala eri abalala ababungeetera mu kizikiza, abatamanyi Mukama waffe Yesu. Kaakano tuwaayo olukuŋŋaana gy’Oli, n’okuwulira Ekigambo Kyo eky’okutugolola, tusobole okumanya engeri y’okweteekateekera ekiseera kino ekikulu, mu Linnya lya Yesu tukisabye. Amiina.

[Ebbanga ku lutambi. Ow’oluganda Neville abaako ne by’ayogera—Omuk.]

Mukama akuwe omukisa. Weebale, ow’oluganda.

9 Kino nnabadde ssikisuubira. Bwe, nnabadde wano awaka, nnabadde mpulira muli nti bwe mba nga ddala ssirina gye ŋŋenda, mu bwangu bw’okutaasa embeera, mpulira bubi nnyo, okusigala eka ne sijja mu lukuŋŋaana lwa kusaba. Ate nga nnakomyewo mu ngeri, etasuubirwa, gyendi nze kennyini, n’eri ab’enju yange. Nnakomyewo bukomi, ate ne nvaawo mangu ddala. Kale nnagambye bugambi nti, “Ŋŋenda mu lukuŋŋaana lw’okusaba.” Kale teyabadde na budde bwa kwetegeka kujja, kubanga teyakitegedde nti ndi wa kujja.

10 Kati nsanyuse okuwulira obujulizi bwa mwannyinaffe awo, ow’oluganda, obukwata ku Kitangaala kiri mu Bukiikaddyo bwa Carolina manya mu Bukiikakkono bwa Carolina, eyo. Ky’ali, Greenville? [Mwannyinaffe omu addamu nti, “Nedda.

Bukiikaddyo bwa Pines."—Omuk.] Bukiikaddyo bwa Pines. Weewaawo.

11 Ow'oluganda Lee Vayle abadde wano leero. Mmubatizza, leero, mu lukuŋŋaana lw'okubatiza wano leero. Ow'oluganda Lee Vayle, gwe mumanyi, omu ku baweereza eyo, Ow'oluganda Parker Thomas. Waaliwo . . .

12 Nzijukira e—ekiseera, mwannyinaffe omu eyaliko ekisiikirize. Bwali bukakafu bwa ddala, mwannyinaffe, eri ekyo . . . Omwoyo Omutukuvu ebiseera ebimu ajja kutuleka tugende mu maaso n'okugezesa okukkiriza kwaffe, okulaba kiki . . . n'okugezesa okukkiriza kw'abalala. Bw'otunuulira ekintu butereevu, n'obaako ky'olaba, n'okyogera; abalala bo bwe batunula ne batakiraba, bagamba nti tekiriiwo. Okiraba? Naye nga weekiri.

13 Kati, tewaali n'omu yali asobola kulaba Kitangaala ekyo nga kirengejjera ku Pawulo, naye kyaliwo. Tewali yalaba jjiba liri nga likka okuva mu Ggulu, mu Kitangaala kiri, mu ndabika, ne likka ku Yesu, okujjako Yokaana yekka. Naye lyaliwo. Okiraba?

14 Kale, bwe kityo, oluvannyuma bwe nnali nga mbuulira abantu ku Kitangaala kino bwe kiri nga Empagi y'Omuliro, tewali n'omu yali ayagala kukikkiriza. Naye kati eriiso lya kkamera lyakiraga Ekyo.

Kati kitegeerekeka nti omwoyo omubi gulabika nga kizikiza.

15 Kiri nga bw'olaba obulamu bwaffe, tuli bisiikirize. Era kye tuli, bwe tuba tuli kitangaala, tubeera, obulamu bwaffe bwe bukwatagana n'Ekitangaala ky'ekiseera kye tulimu, tuba tutambulira mu Kitangaala.

16 Kiri nga bw'otunula wabweru n'ogamba nti, "Ndaba enjuba," mu budde obw'emisana. Olaba—olaba kisiikirize kya njuba. Kiba kitangaala ekivudde ku njuba. Teba njuba, yennyini, naye ekyo kikakasa nti waliyo enjuba. Kikakasa nti waliyo enjuba.

17 Era kati bwe mbalaba, nga bwe mutudde awo, nga mwewujja empewo, nga bwe mwogera, ekyo kitegeeza nti muli balamu, naye ekyo kisiikirize busiikirize ekyoleka obulamu.

18 Kubanga, ekintu kyonna kiteekwa okubaamu n'ekizikiza mu kyo, okusobola okukola ekisiikirize. Mukiraba? Kubanga, ekisiikirize kiteekwa okubaamu ekizikiza eky'ekigero n'ekitangaala eky'ekigero, okusobola okukola ekisiikirize. Ate tekisobola kuba kizikiza kyereere, ate era tekisobola kuba kitangaala kyereere. Bwe kiba kizikiza, kiba kizikiza zzigizigi. Bwe kiba kitangaala, tewaba kisiikirize, tewaba kya kukola kisiikirize. Naye bwe bitabikibwa wamu ekizikiza n'ekitangaala, bikola ekisiikirize.

19 N'olwekyo ddala tuli bisiikirize bya kitangaala. Kati oyolesa obulamu obuliko awantu awamu we buva. Bw'oba nga, oli Mukristayo, kino nga bwe kiri ekisiikirize, kikakasa bukakasa nti waliwo Obulamu gy'otalisobolera kufa, kubanga buno obulamu bulimu okufa. Mukiraba? Naye kisiikirize, kubanga oli kitonde ekiramu, ekitambula ekirina obusobozi bw'okulaba, okulowooza, okutambula, n'okwogera, n'obusimu obutaano obw'omubiri. Naye ate nga okimanyi nti, bwo, bufa. Era bulimu emitawaana mingi nnyo. Omanyi, kisobola kubeera ki. . . Kitangaala ekirina we kikubye ne kikomawo, okiraba, ekiraga nti waliwo obulamu n'okufa nga byegasse wamu.

20 Omubiri guteekwa okufa. Naye bw'oba oyolesa, okuyita mu bulamu bwo obw'obuntu, Ekitangaala ky'Eggulu, olwo oba oyolesa Bulamu Butaggwaawo, Katonda. Kati bw'ofa, togenda walala wonna okujjako eri Ekitangaala ekyo, kubanga Ekyo ky'obadde oyoleka bulijjo.

21 Bw'oba ow'ensi ey'ekizikiza, ekyo ky'oyoleka, era tosobola, kugenda walala wonna okujjako mu kizikiza. Okiraba? N'olw'ekyo twoleka gye tuva. Kale, tukiraba nti nga Omwoyo Omutukuvu bw'ayoleka Ekitangaala n'Obulamu, n'okufa bwe kwoleka ekizikiza.

22 Era byombi biri wano. Enky-. . . Ku nkomerero ya wiiki, oba oli awo ku Ssande, tugenda kufuna akafaananyi akatono nga kazimbulukusiddwa okufunamu ekifaananyi ekinene, kisobole okuwanikibwa ku kipande ekinene.

23 W'osobolera, okuba n'ekifaananyi *kyo* nga kiwanikiddwa ku kipande ekinene. Ssimanyi oba mwakyetegerezza, oba nedda. Kati awo. . .

Era wiiki nga emu eyise, mu—mu Jamaica, gye nnali mu mulimu gw'obuminsani. . . Tuweereza entambi z'obubaka okwetooloola ensi yonna. Era *Obubonero Omusanvu* butuuse n'eri emabega mu. . . butuukidde ddala eri mu bizinga bye Jamaica, munda ddala eyo. Era munda eyo tewaliiyo nkulaakulana yadde, emabega w'Olusozi olwa Bbululu. Era ba nnansangwa baayo, ebiseera ebimu, balina akuuma akakwata amaloboozi ku kaseti ke twabafunira, k'olina oku—oku, nga gulaamufoomu ey'edda eya Victrola, okanyoola olufungo, n'oka—n'okaleka ne kazannya bwe katyo. Kati awo, buli luvannyuma lw'eddakiika entonotono, walina okubaawo addamu n'akanyoola.

24 Ekibinja kino kyalina ka—ka. . . ka bbaatule, ka bbaatule akaweza amaanyi g'amasannyalaze ga volutisi mukaaga, bwe gatyo, nga ke bakozesa okuzannya ka tteepu likooda. Era baali—baali batudde wamu bonna, nga babula kwenkana n'abali wano ekiro kya leero, nga bawuliriza *Obubonero* obwo, nzikiriza bwe baali bawuliriza. Era bwe nnali njogera, ne balaba, ekyayingira mu kisenge mwe baali, ne wajja Empagi y'Omuliro eyo y'emu,

n'etambula n'egenda waggulu w'akuuma akazannya olutambi we kaali n'ebeera awo waggulu waako. Ne bagenda ne bafuna kkamera ne bagikuba ekifaananyi. Era y'Emu yennyini, yiiyo, nga eri waggulu waako. Kati tugenda kukigezza, tusobole okukiteeka ku—ku kipande ekinene waggulu, we musobolera okukiraba.

25 Tuli basanyufu nnyo olw'ekisa kya Katonda ekireeteddwa mu. . . ekituleese mu Kubeerawo Kwe mu biro bino. Kati tulina ebintu bingi ebituleetera okuba abasanyufu.

26 Kati ndowooza nja kukebera ndabe oba nga nsobola okufuna ku, ku by'okwogerako oba ekintu, ekintu ekirala kye nnayogerako. Oba, nfuneyo ku ngeri ya—ya. . . Nninawo ekitundu kye nnawandiise wano, era, kiri wano mu kitabo. Ssinga nsobola okubaako ne kye nfuna, oba oli awo Mukama anaabaako kyampa eky'okwogerako, nga bwe tusaba.

Kati, tuli mu kwetegekera Ssande.

27 Mbadde njogera mu Bubaka obutali bumu. Era, ku Ssande, nnabalwisaawo nnyo wano, nga tuli ku, "Lwaki onkaabirira? Yogera eri abantu bagende mu maaso."

28 Kati, Ssande lwe lukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa abalwadde mwe bagenda okusabirwa. Kati, ogenda awali abalwadde, era wateekwa okubaawo ensonga lwaki, tusabira abalwadde, ne batawonyezebwa. Era njagala, Mukama nga ayagadde, okuba n'ekyokuyigirizaako ekitono ku Ssande ku makya, nalwo. Kale, nja kuba n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, era nsabire abantu bonna. Era Billy Paul oba abamu ku bo ajja kubeera wano ku Ssande ku makya, ku ssaawa nga bbiri, nga ekkanisa egguddwaawo, okuwa abantu kaadi nga bwe bayingira okuyita mu mulyango, oba wonna we banaayingirira.

29 Era kati, awo, njagala ngezeeko, nzikiriza Mukama ampadde okusobola okutegeera ensonga lwaki waliwo abantu abamu abatawonyezebwa. Era nzi—nzikiriza kiva ku butaba na kutegeera. Era nzi—nzikiriza nti, oba oli awo, tujja kwogera kw'ekyo, ku Ssande ku makya, Mukama nga ayagadde.

30 Kati, olukuŋŋaana lw'Olwokusatu ekiro olw'okusaba luba lukuŋŋaana lumpi we tukuŋŋaanira awamu ne tusaba, nga bwe tuzze, ne tutabagana wamu.

31 Ebiseera ebimu, nzi—nzikiriza nti ekimu ku bintu ebikulu kye nzudde mu biro bino, lye bbula ly'obwesimbu mw'ekyo kye tukkiriza. Okiraba? Okiraba? Katonda ssinga, mu biro biri ebya John Wesley, yakola mu biro ebyo ekyo ky'Akoze mu biro bino, kiki kye kyandikoze; mu biro bya Martin Luther, oba mu biro ebirala? Nga ebyo bye tumulaba akola, nga bikakasibwa byombiriri mu Kkanisa, okuyita mu Mwoyo, n'okuyita mu ssaayansi, ne mu buli mugendo gwonna, oku—oku—okwetabika kwa kyo kuteekwa okutegeerwa. Nga Ekigambo kya Katonda wano kikiraga era nga kikitegeeza nga tekinnaba kubaawo.

Era nga kigenda mu maaso, nga kiragula, nga kiraga ekintu kyennyini kye yayogera, kijja kutuukirira ddala kyennyini, kye yayogera. Naye era ne tusigala nga tuli bagayaavu, nga tulinga abeewunya. "Kale, nneewuunya oba nga ekyo kitegeeza nze? Nneewunya oba kitegeeza kka—kkanisa, yonna awamu? Oba—oba, nneewuunya oba nga ddala ndi kitundu ku Kino?" Ndowooza, ku Ssande ku makya, nja kugezaako okwogera ku zimu ku nnono ezo ezisobola okwongera okututangaazaamu katono.

32 Kati, akawungeezi kano, nnina kye nnazudde, nnakiguddeko bugwi wano, nga ssinnajja. Nnalowoozezzaamu nti, "Watya ssinga Ow'oluganda Neville, ssinga ntuukayo, n'agamba nti, 'Jangu obuulire,' n'atuula wansi?" Okiraba? Ne ndowoozaamu nti, "Ka mbeeko Ebyawandiikibwa bye mpandiika." Kubanga, mmanyi nti, wa, wa luganda omwagalwa ennyo, era tu—tumusiima.

33 Nga tetunnasabira Kigambo, njagala okwaniriza o—ow'oluganda. Ssisobola na kujjukira linnya lye, bali babiri. Bali wano, mikwano gyange. Ba . . . Baweereza era babuulizi ba njiri, mu mulimu, ogw'okugenda ebweru. Baawulira Obubaka buno okuyita mu ntambi. Era baava mu bibiina by'amadiini eby'enjawulo, ab'oluganda babiri abato. Era omulenzi, omu ku bo alina okuyaayaana kungi nnyo, okutuusa nti yalinnya ennyonyi n'ajja, mu Tucson, gye buvuddeko, bwe twali tuggalawo olukuŋŋaana. Nzikiriza nnali mu lukuŋŋaana olw'Ekyenkya ky'Abasajja Abasuubuzi. Omuvubuka ono omuto, omuvubuka omulungi ddala, n'ajja. Era a . . .

34 Bava mu Kansas. Era bazze wano nsobole okubagatta mu bufumbo. Ekyo nkyebaliza. Okukirowozaako nti abantu bakkiririza mu ssaala zo, ekyenkana awo, nga bakkiriza nti Katonda ajja kuwulira era ayanukule; abavubuka abatandika obulamu, bwe bati. Era bwe bazze wano nga baagala mbagatte mu bufumbo, olunaku lwa jjo, twakizudde nti okusinziira ku mateeka g'essaza lya Indiana, newankubadde nga balina ebyava mu kukeberwa omusaayi, balina okulindako nga bakyali mu ssaza lino, okumala ennaku ssatu, nga tebannaba kugattibwa mu bufumbo. N'olwekyo, tebasobola kugattibwa mu bufumbo okutuusa ku Lw'okutaano ku makya.

35 Nja kusaba muganda waffe ali wali awasemba, bw'aba asobola okuyimirirako atubuulire ku mannya ge, ne mukyala we omwagalwa awo, n'ow'oluganda amuddiridde.

36 [Ow'oluganda agamba nti, "Weebale, Ow'oluganda Branham. Ndi wa mukisa okubeera wano. Era nze Ow'oluganda Roger O'Neil, nga mbeera mu Kansas, ntambula mu mulimu gw'okubuulira, nga omubuulizi w'enjiri, nga ntegeeza nti, 'Yesu alokola, awonya, okuyita mu kukkiriza mu Yesu . . . ? . . .' Bulijjo ntambuddenga ne . . . ? . . . Ono ye mwagalwa wange gwe

ŋŋenda okuwasa, Patricia Brown. Tugenda kufumbiriganwa, ku Lwokutaano. Ono mubuulizi munnange era mukozi munnange, Ow'oluganda Ronnie Hunt, ali wano awasemba. Era ono ye mwagalwa we gw'agenda okuwasa, Carol . . . ? . . . Era tuli basanyufu okubeera wano ekiro kino."—Omuk.]

37 Weebale nnyo, webalire ddala. Mazima ddala twagaliza ababaka bano abato, ab'omulimu gwa Mukama Yesu, emikisa gya Katonda, okubatuusa obulungi mu lugendo. Era nga nkyewuunya, nga nnindirira Okujja kwa Mukama, bwe ndaba abavubuka abato n'abawala abato nga balina ekiruubirirwa mu mutima, eky'okuweereza Kristo, ekyo kinsanyusa, okulaba, okubalaba nga basituka bwe bati. Mukama abawe omukisa, ogw'amaanyi, muganda wange, ne mwannyinaze.

38 Kati leka tubikkule mu Kitabo ekitono kye ssibuulirangamukko, mu bulamu bwange. Era kya . . . Kirina essuula emu yokka, Ekitabo kya Firemooni. Era kya . . .

39 Nninamu omusaayi gw'abazungu aba Ayirisi, era nni—nnina akawaya akasibye ku mannyo gange aga wansi, okunyweza amagego abiri agasembayo emabega mu kifo kyago. Si, si, ebiseera ebimu ssaatula mannya gano bulungi, nga bwe ngategeera. Ate ebiseera ebimu ssisobola kugaatula bulungi, olw'obutasoma. Kale, "Firemooni," waliwo alina ky'ayogedde emabega wali, ate nga nsuubira eyo ye njatula entuufu ey'erinnya eryo.

40 Kati, mu lunyiriri 1, njagala kuggyamu ekigambo kimu kyokka oba bibiri.

Pawulo, omusibe wa Yesu Kristo, . . .

41 Kati ekyo kye njagala okukozesa akawungeezi kano, nga eky'okuyigako, Mukama nga ayagadde, nti: *Omusibe*.

42 Kati, kizibu okuteebereza Pawulo nga yeeyogerako nga omusibe. Omusajja eyazaalibwa nga wa ddembe, n'ajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, naye ate nga yeeyita "omusibe."

43 Ate kati tukizuula nti, bwe yali awandiikira Abakkolinso yagamba nti, "Pawulo, omutume wa Yesu Kristo." N'omulundi omulala nti, "Pawulo, omuweereza wa Yesu Kristo nga Katonda bwe yayagala," bwe yali ayogera eri Timoseewo, n'abalala. Naye wano nga awandiikira Firemooni, yagamba nti, "Pawulo, omusibe wa Yesu Kristo." "Pawulo, omutume," nnandyagadde ekiro kimu mbuulire kw'ekyo. "Pawulo, o—omuweereza," nkibuulireko. Ne kino nti, "Pawulo, omusibe."

44 Naye, akawungeezi ka leero, nga bwe kiri nti kyanditutwalidde essaawa eziwerako okujjirayo ddala mu bujjuvu ogumu ku mitwe gino, njagala nkozese, akawungeezi kano, "Pawulo, omusibe," era ntwale eky'okuyigako kino nti: *Omusibe*.

Kaakano leka tukoteke emitwe gyaffe okumala akaseera.

45 Mukama Yesu, omuntu yenna, eyeesobola mu mubiri, asobola okubikkula emiko gya Bayibuli eno, naye Omwoyo Omutukuvu yekka y'asobola okugivvuunula mu kitangaala mw'esaanidde okubikkulwa. Tumusaba ajje kaakano atuyambe okutegeera kino kye kyali, ekyayogerwa, nnabbi ono ow'amaanyi, ow'ekitalo, Pawulo, naye ate eyeeyita "omusibe." Leka Omwoyo Omutukuvu akitubikkulire nga bwe tumulindirira okujja, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

46 Kati nsobola okukubamu akafaananyi, nga Pawulo, awandiikira Firemooni ebbaluwa eno, bwe yali atudde mu kkomera, wansi eyo mu kaduukulu k'ekibuga kino, nga o—o—omusibe. Era yali amanyi bulungi, mu mbeera eyo gye yalimu amakulu g'ekigambo ekyo. Yali yeetooloddwa mi—mi—mitayimbwa. Yali asobola kuba wa ddembe mu ngeri emu yokka nga waliwo amutadde. Kale yategeera kye kitegeeza okuba omusibe. Era nate, era, nzikiriza nti o—omutume yali ategeeza . . . yali tayogera ku mbeera ye gye yalimu mu kaseera ako, ey'okubeera omusibe o—omubiri gwe nga gutudde wano mu—mu kkomera lino. Naye nzikiriza nti yali ayogera ku mu—muntu we, o—o—omwoyo gwe, okukola by'ayagala, bwali omusibe eri Yesu Kristo.

47 Kati, ffenna tuzaalibwa, nga tulina eddembe ery'okwesalirawo, okusobola okulondawo kyonna kye twagala okukola. Katonda ekyo akikola mu bwenkanya. Kubanga, ateekwa okuteeka buli muntu ku musingi gwe gumu, bwe kitaba kityo aba yateeka omuntu omukyamu ku . . . Omuntu eyasooka aba yamuteeka ku musingi mukyamu, gwe yateeka ku musingi ogw'eddembe ly'okwesalirawo eky'okukola. Okiraba? Tufaananira ddala, akawungeezi kano, nga Adamu ne Kaawa bwe baali. Tewali njawulo. Ekituufu n'ekikyamu biri mu maaso ga buli omu ku ffe. Obulamu n'okufa, tusobola okweronderako; kiri gy'oli, okulondako. Okiraba?

48 Bwe batyo Adamu ne Kaawa bwe baakola, era, laba, era—era baalondako ekikyamu. Era kati, okuyita mu ekyo, ne bateeka olulyo lwonna, olw'abantu, mu kufa, omutango ogw'okufa.

49 Awo Katonda n'akka wansi mu nkula ey'omuntu n'atwala okufa okwo, n'asasula omutango gw'okufa, kibeere nti . . . Abantu Be abaayagala okuba—okuba ab'eddembe basobole okuba ab'eddembe.

50 Kati, ssinga yatutwala, nga takozesezza nkola y'emu gye yatwalamu Adamu ne Kaawa, n'atusikayo busisi okubaako ky'atuyisaamu, ng'agamba nti, "Nja kukulokola oba oyagala okulokoka oba nedda," awo aba yateeka Adamu ne Kaawa ku—ku musingi omukyamu, okiraba. Naye buli omu ku ffe ateekwa okulondako, leero, wakati w'okufa n'obulamu. Tusobola okukikola.

51 Nga bwe nnaakamala okulaga nti, ekitangaala kyo bwe kinaakakasa, obulamu bwo bujja kukakasizza ddala ludda ki lw'oliko. Ssifaayo ludda ki ggwe lw'ogamba nti lw'oliko. Ebyo by'okola, buli lunaku, bye bikakasa kiki ky'oli. Muwuliddeko ku njogera ey'edda egamba nti, "Obulamu bwo bwogerera waggulu nnyo, ssisobola na kuwulira bujulizi bwo." Okiraba? Ebi—ebikolwa byo byogerera waggulu nnyo.

52 Lubeerera mbaddenga nzikiririza mu kuleekana n'okubuuka. Naye era nga ŋŋamba nti, "Tobuuka kusukka bulamu bwo bw'otambuliramu, kubanga ensi egenda kuba ebwetegereza." Mukiraba? Okubuuka kwo kuteekwa okwenkanankana n'obulamu bw'otambuliramu, ky'ekyo, kubanga waliwo akweetegereza. Era kati bwe . . .

53 Abantu bonna tebajja kujja mu kkanisa. Teba—teba, abasinga obungi ku bo, tebajja kujja. Ate nga abamu ku bo, abatajje, bantu abeesimbu ddala. Balabye obuvundu bungi nnyo mu kkanisa, ne batuuka okuba nga tebaagala kubeera na kakwate na buvundu obwo. Era emirundi mingi, tugambe nti, tobanenya, olaba, olwa—olw'engeri abantu gye beeyisaamu. Beeyita Bakristayo. Naye ate nga kye kyesittaza ekikyasinzeeyo ensi kye yali erabye, be basajja n'abakazi abeeyita Abakristayo, naye ate ne batambulira mu bulamu obukontana n'ekyo kye beeyita. Mazima kituufu.

54 Kaakati, kubanga walibaawo okuyiibwa ku lunaku olw'Omusango. Kaakati, omwonoonyi, omuyiisa w'omwenge, omukubi wa zzaala, omwenzi, ta—talyejjusa bw'aliwulira okusalirwa kwe nga kugamba nti, "Genda mu muliro ogutazikira." Taliyiibwa. Naye omuntu oyo agezaako okwekweka mu ky'okweyita munnakkanisa, oyo ye muvubuka aliyiibwa ku Lunaku lw'Omusango. Mukiraba? Oyo eyeeyita Omukristayo, naye ate n'atambulira mu bulamu obukontana. Waakiri kyandisinzeeko ssinga n'okweyita kye yeeyita, takyeyita, okusinga okutandika okukyeyita naye ate n'atambulira mu bulamu obukontana nakyo. Kubanga, oyo kye kyesittaza ekikyasinzeeyo kye tulina, ye muntu oyo eyeeyita nti mu—mu—Mukristayo, naye ate nga atambulira mu bulamu obukontana n'ekyo.

55 Bulijjo, togeraageranyanga bulamu bwo nga osinziira ku maanyi genkana wa g'olina agakola eby'amagero. Ate era tetwegeraageranya kusinziira ku kutegeera kwenkana wa okw'Ekigambo kwe tulina. Naye bulijjo weegeraageeranye, nga otunula emabega nga weekebera ekika ky'ekibala obulamu bw'otambuliramu kye bubala. Mukiraba?

56 Nga bwe nnabuulira gye buvuddeko, mu lukuŋŋaana lw'abasuubuzi mu Phoenix, mu Arizona, ku kwolesa Yesu, okwolesa Obulamu Obw'obukristayo. Nnayogera ne ŋŋamba nti nnazaalibwa wano mu Kentucky, ekifo ekitaliimu nkulaakulana

n'akatono, naddala mu biseera biri nga nkyali muto. Era akalenzi kano tekaalina ma—ma—ma—maka galabika bulungi nga ge tulina wano, mwe tulina abakyala bangi abalabika obulungi ennyo nga bagenda bwe beetunulako mu ndabirwamu, okuyita mu nnyumba yonna, okusobola okukakasa nti enviiri zaabwe ziteredde bulungi, n'ebirala. Naye kaalina akalabirwamu kamu kokka, nga kaali kabajjo ka ndabirwamu akaali kawagikiddwa wabweru ku muti, awaali akatebe we baanaabiranga amaaso, nnyina ne kitaawe we baanaabiranga amaaso, ne basanirira enviiri zaabwe, n'ebirala, nga bwe beeraba mu kabajjo k'endabirwamu kano akaali kawagikiddwa ku muti.

57 Mu butuufu, ekyo kye kika ky'amaka ge tulina. Nga bw'oyagala okwerabako mu ndabirwamu, ffe abato, kyatwetaagisanga okufuna ekibokisi tulinnyeko okusobola okutuuka wali ku kameeza awaanaabirwanga amaaso, nnaffe twerabeko mu kabajjo k'e—k'endabirwamu kano ke nnalonda, nze kennyini, okuva mu kasasiro. Ekyo tekyaliyo eri mu Kentucky. Ekyo kyali wano mu Indiana, waggulu eri ku Utica Pike.

58 Kaakati, akalenzi kano kaali tekeerabangako bwe katyo. Lumu, kajja mu kibuga, okukyalira jjajja waako omukazi. Ku. . .Bwe baali bakalambuza ekisenge, jjajja waako yalina ennyumba omwali endabirwamu ennamba ku luggi. Kati, akalenzi kano, kaba kaddukaddukira mu—mu kisenge, ne kalaba akalenzi akalala mu maaso gaako. N'akalenzi kali kaali kadduka, nako. Kati ne kalowoozaamu okusooka kayimiriremu okumala eddakiika nga ziizo kalabe kali kye kanaakola. Kati bwe kaayimirira, n'akalenzi kali ne kayimirira. Bwe kaakyusa omutwe gwaako, n'akalenzi kali ne kakyusa omutwe gwaako. Ne keetakula mu mutwe, n'akalenzi kali ne keetakula mu mutwe. Oluvannyuma, ne kasembera kumpi, kekkaanye. Ne kakyuka. Maama waako yali akeetegereza, ne jjajja waako, nga bwe beewuunya. Ne kagamba nti, "Omanyi, maama, oyo ye nze."

59 Kati ne ŋŋamba, nti, "Naffe, bwe tutyo, tulina kye twoleka." Mukiraba? Obulamu bwaffe bulina kye bwoleka.

60 Era kati, ssinga twaliwo mu biro bya Nuuwa, twandibadde ku ludda lw'ani? Twandibadde ku ludda ki mu biro ebyo ebikulu Nuuwa bye yalimu? Twandibadde ku ludda ki mu biro bya Musa? Ludda ki lwe twandibaddeko mu biro bya Eriya, nnabbi, ensi yonna bwe yali nga ebuutikiddwa n'e—n'enkulaakulana ey'a—ey'amaanyi, nga Yezeberi ow'ebiro bino, nga amaliddewo ddala abaweereza ba Mukama bonna okuggwera mu nkola ey'ensi? Nga ekkanisa ne bakabona bonna bamuvunnamira. Wandititutte ludda olw'ettutumu, oba wandiyimiridde n'Eriya?

61 Kaakati, mu biseera bya Mukama Yesu, twalirowoozezza ki ku Muntu ono eyali tamanyiddwa, ataasoma, nga tewali ssomero

yadde n'erimu lye basobola kugamba nti mwe yasomera, nga ta—tayitangako na mu ttendekero lya ddiini lyonna. E—eyakula nga amanyiddwa nga "omwana omweboolereze." Ate n'ajja, nga abuulira Enjiri ekontana na buli kimu kyonna kye baali baayigirizibwa. Ddala . . . Era nga anenya abaweereza n'ebibiina byabwe eby'amadiini, n'ebirala.

62 Era ebibiina by'amadiini byali biyisizza e—e—etteeka nti, "Ssinga omuntu yenna kanaamutanda n'agenda okuwuliriza ono gwe bayita nnabbi, wa kugobebwa mu kkuŋŋaaniro," kyali kibi eki—ekisinga obunene. Oyo yenna eyabanga akikoze ng'alina okukyanukulira. Engeri yokka gye baalina okusinzaamu kwali kusinziza wansi wa musaayi gwa mwana gwa ndiga. Baalina okujja eri ssaddaaka eno. Naye—naye ate era baali baagaanibwa, era nga kyali kintu kya njawulo.

63 Kyokka Omusajja ono ebyo byonna yabisambajja. Naye ate nga yali akwataganira ddala n'Ebyawandiikibwa, wabula si mu ngeri gye baali babimanyimu. Wandironzeeko ludda ki? Okiraba? Kati, to . . . Obulamu bw'otambuliramu kati, bulagira ddala ekyo kyennyini kye wandikoze ku luli, kubanga okyakozesebwa omwoyo gwe gumu. Okiraba? Bw'oba nga oludda olwo lw'oliko leero, nga oli wamu nabo, ne ku mulundi guli kye wandikoze. Kubanga, omwoyo gwe gumu ogukulimu kati gwe gwali mu bantu bali mu kiseera kiri. Okiraba?

64 Ssitaani taggyaawo mwoyo gwe; ava buvi ku muntu omu n'adda ku mulala.

65 Katonda taggyaawo Mwoyo Gwe, naye; Guva ku muntu omu ne gudda ku mulala. Okiraba?

66 N'olwekyo, Omwoyo gwe gumu ogwali ku Eriya gwe gwakka ku Erisa, era Gwe gumu ogwakka ku Yokaana Omubatiza, n'abalala.

67 Omwoyo Omutukuvu, eyali ku Kristo, ye yakka ku bayigirizwa, n'abalala bonna, era y'akka ku bantu leero. Mukiraba? Katonda taggyaawo Mwoyo Gwe.

Kale awo we tuli nga tuweereddwa, okulondako.

68 Era si—ssirina we ndaba wano nga Pawulo yejjusa ekintu kyonna, nga yejjusa okuba omusibe. Naye yali yeeyogerako nga . . . Nzikiriza nti Pawulo, bwe yali awandiika ebbaluwa eno n'ekkalaamu eyo, nti Omwoyo Omutukuvu ye yali agimuwandiisa. Kibeere nti, oba oli awo, n'akawungeezi kano, tusobola okuggyamu omulamwa ogw'ekyokuyigako kyaffe, okusobola okulaga ensonga lwaki Pawulo yakikola. Kubanga, kiri mu Byawandiikibwa, ate nga ekiri mu Byawandiikibwa Tekiggwaawo. Nzikiriza, nti, nga atudde mu kkomera lino ekkyaafu era ekkadde, Pawulo yawandiikira munywanyi we wano, nti, muganda we, ng'agamba nti yali "musibe wa Yesu Kristo." Kati mw'ekyo, yasobola okuggyayo kye yali ategeeza nga atunuulira ebyo ebyali bimwetoolodde. Kati, yali

mu kkomera, naye ate ekyo si kye yali ayogerako eri, ono—omuweereza wa Kristo ono, eyali muwereeza munne. Kye yali ategeeza kyali nti yali musibe wa Kigambo kya Yesu Kristo, kubanga Kristo ye Kigambo.

69 Era Pawulo yali muyivu ow'amaanyi mu biro bye. Yalina ebiruubirirwa eby'amaanyi. Yali mu—yali mu—mu—musajja eyali yatendekebwa n'aba. . . abantu, omusajja amanyiddwa nga Gamalyeri, eyali omuyigiriza ow'amaanyi ow'ebiseera bye, mu limu ku matendekero agaali gasingayo obulungi ge yali asobola okusomeramu. Okugeza, nga bwe tugamba, Wheaton, oba Bob Jones, oba ettendekero ery'amaanyi erimanyiddwa. Nga yayigirizibwa nga—nga—nga omuweereza w'Ekigambo. Era yali yatendekebwa bulungi nnyo ddala, era nga mugezi, nga muvubuka wa magezi mangi nnyo alina ekiruubirirwa eky'amaanyi eky'okufuuka kabona oba kabona omukulu eri abantu be.

70 Yalina ekiruubirirwa. Kati oluvannyuma tukizuula, nti, ebiruubirirwa bino bye yali yatendekerwa, era nga abimaliddeko obulamu bwe bwonna, oba oli awo okuva ku myaka nga munaana oba kkumi, okutuuka ku myaka nga asatu oba asatu mu etaano, we yamaliririza okusoma kwe mu ttendekero n'atikkirwa; n'afuna dipulooma ze zonna na buli kimu, n'afuna okuganja n'aba—abakulu b'eddiini bonna, n'eri kabona omukulu mu Yerusaalemi. Yalina ebiragiro okuva gy'ali, ebiragiro ebyamukwasibwa nga ye, mu buwandiike, ne bikwasibwa Sawulo ono ow'ekitalo nga bimugamba, "Okuserengeta mu Damasiko okunoonya abo bonna abaaliyo nga basinza Katonda mu ngeri ekontana n'eyiye, n'okubasiba abateeke mu kkomera." Nga ssinga kyali kyeetagisizza, yalina n'ebiragiro okubatta, ssinga yabanga ayagadde. Yali. . . Yalina ekiruubirirwa eky'amaanyi.

71 Naye kati, ebyo byonna bye yali yatendekebwamu, Katonda byonna yali abimuggyeemu. Okiraba? N'ekigendererwa kye, n'ensonga kitaawe gye yamusaasaanyirizaako ssente ze, n'ebiruubirirwa bya kitaawe ne nnyina, byonna byali bimuggyiddwaamu kubanga Katonda ya—yalina ekirala. N'olwekyo, yali musibe okuva eri ekiruubirirwa kye kye yalina mu bulamu, nga afuuse musibe wa Yesu Kristo, nga Ye yali Kigambo.

72 Olugendo olwo okugenda e Damasiko lwakyuusa Pawulo. Nga aserengeta, ku ssaawa nga ttaano, oba oli awo, ez'emisana, olwo lwe yakubibwa n'agwa wansi. N'awulira Eddoboozi, nga ligamba nti, "Sawulo, onjigganyiza ki?" N'atunula waggulu. Era bwe yatunula waggulu, engeri gye yali Omuyudaaya, yali akimanyi bulungi nti Empagi y'Omuliro ye Mukama eyakulembera abaana ba Isiraeli, kubanga yali akimanyi nti ekyo kye yali.

73 Jjukira nti, Omwebbulaniya ono yali tasobola kuyita kintu kyonna "Mukama," ekitandisa ennyukuta ennene M-u-k-a-m-a, Elohim, okujjako nga mukakafu nti ye Ye, kubanga yali muyivu eyatendekebwa. Kati bwe yatunula waggulu, n'alaba Kino, Ekitangaala, Empagi y'Omuliro eyali yakulembera abantu be okubayisa mu ddungu, n'agamba nti, "Mukama," Elohim, ekitandisa ennyukuta ennene M-u-. . . "Mukama, Ggwe ani?"

74 Era nga kiteekwa okuba nga kyewuunyisa omusajja ono eyali yasoma eby'eddiini, okuddibwamu nti, "Nze Yesu," Oyo yennyini gwe yali ayigganya. Nga—nga ebintu byali bikyukidde ddala! Ha! Ha! Kiteekwa okuba nga kyali kintu kya ntiisa nnyo eri omusajja ono, okubeera nti ebiruubirirwa bye byonna bye yalina, naye n'akizuula, mu kaseera buseera, nti abadde ayigganya buyigganya. Ebiruubirirwa bye byali bimututte wa—wala nnyo okuva ku kintu ekikulu kye yali agenderera okukola. Era nga kiteekwa okuba nga kyali kye—kyekango kya maanyi nnyo, eri omutume ono, bwe yagamba nti, "Nze Yesu," Oyo yennyini gwe yali ayigganya. "Onjigganyiza ki?"

75 Okunokola okulala okutonotono kwe tuyinza okwogerako wano. Olaba, nga bwe basekerera Ekkanisa, baba tebasekerera Kkanisa, baba basekerera Yesu. "Onjigganyiza ki?" Kati Pawulo yali ayinza atya, mu magezi ge gonna, okukkiriza nti Kino kye. . .nti Ekibiina kino kye yali ayigganya ye yali Katonda yennyini gwe yali agamba nti gw'aweereza? Ndowooza nti ekyo, nga tetugenze nnyo mu buziba bw'akyo, ndowooza nti ffenna twayigirizibwa bulungi ekimala okusobola okumanya kiki kye ntegeeza wano. Ekintu kye kimu kye kigenda mu maaso leero.

76 Pawulo, mu butamanya, nga ate yali musajja muyivu era mugezi, nga mugezi nnyo n'okusinga Abagaliraaya bali abataasoma be yali ayigganya, abaali baamala edda mu mbeera yaabwe eya wansi okukkiriza Omusajja ono nti ye Mukama. Naye ate, Pawulo, mu kuyigirizibwa kwe okw'ekitalo n'amagezi ge, yali tasobola kukkiriza Ekyo. Era nga ebintu biteekwa okuba nga byamukyukira, mu lugendo luno. N'azibibwa amaaso, aleme okukola omulimu gwe, wabula n'atwalibwa mu kifo awaali ekkubo eriyitibwa Eggolokofu, mu nnyumba y'omu. . .

77 Awo ne wajjayo nnabbi, amanyiddwa nga Ananiya, eyalaba mu kwolesebwa, bwe yali nga aserengeta, n'alaba we yali, n'aserengeta we yali, n'ayingira mu nnyumba. N'agamba nti, "Ow'oluganda Sawulo, Mukama eyakulabikira mu kkubo ng'ojja; antumye, nsobole okukussaako emikono, ozibule era ojjuzibwe Omwoyo Omutukuvu."

78 Laba we yali. Nga—nga kiteekwa okuba nga kyewuunyisa eri Pawulo! Okiraba? Byonna bye yali yatendekebwamu okukola byali kifuulannenge. Kale kati, amagezi go—gonna ge yalina, ga—gaafuuka butaliimu gy'ali.

79 Kati, yakimanya nti waliwo ekimutuseeko. Kati wano waliwo eky'okuyiga ekirala ekirungi gye tuli, nti, obumanyirivu bwokka tebumala. Obumanyirivu obwo buteekwa okuba nga businziira ku Kigambo kya Katonda. Kati, bwe yalaba kino, n'akitegeera nti Kintu kya maanyi, era, nti waaliwo omulala eyamusooka okukifuna, yagenda n'amala emyaka esatu n'emyezi mukaaga mu—mu ddungu lye Buwalabu; nga—nga asoma Bayibuli, mu biseera ebyo nga yali, Ndagaano Enkadde, n'oluvannyuma n'aserengeta, oku—okusobola okugeraageranya obumanyirivu buno bwe yali yafuna, alabe oba nga ddala buli mu Byawandiikibwa.

80 Kati watya ssinga yagamba nti, "Weewaawo, eyo erabika ebadde mpewo y'enfuuyeko," ne yeeyongerayo? "Ŋŋenda—ŋŋenda kugoberera magezi gange"?

81 Kaakati, yalina okubaako n'ekimusiba, afuuke omusibe. Kati oluvannyuma lw'okubugeraageranya, n'okwetegereza, ky'ova olaba nga yasobola okuwandiika Ekitabo kya Abaebbulaniya, nga alaga mu kifaananyi. Okiraba? Emyaka esatu n'ekitundu gye yamalayo, nga ali mu Kigambo, n'akizuula nti Katonda oyo y'omu eyamuyita yali amweddiza, era nga akyusa okutegeera kwe kwonna, nga akyusa byonna bye yali alowoozezza, byonna bye yali yatendekebwa okubeera. Ebiruubirirwa bye byonna, n'abimusangulamu byonna, n'afuuka musibe. Okwagala kwa Katonda kwamuyitirirako nnyo, n'okubikkulirwa okuyitirivu e—ennyo, n'aba nga tasobola kukwewala.

82 Obwo bwe bumanyirivu obutuufu obwa buli mukkiriza owa nnamaddala asisinkana Katonda. Wa—waliwo Ekintu ky'osisinkana ekikulu ennyo, ekikuleetera . . . o—okufuuka o—omusibe, okuva eri ebirala byonna. Okiraba? Wee—weeyawula ku birala byonna, n'ofuuka musibe wa Kino.

83 Kifaananyirizibwa n'olumu Yesu bwe yagamba nti, "Obwakabaka bwa Katonda bulinga omusajja agula amayinja ag'omuwendo. Bw'atuuka n'azuula Ejjinja eryo ery'omuwendo, atunda byonna by'alina, okusobola okufuna Eryo."

84 Kye kimu na wano. O—olina entegeera ey'omu bwongo, olina obu—obu—obu—obumanyirivu okuva mu ttendekero ly'eby'eddiini; naye ekiseera bwe kituuka n'o—n'o—n'osisinkana Ekyo ekya nnamaddala, o—otunda butunzi biri ebirala byonna, ne weewaayo eri Kino.

85 Pawulo yategeera kye kyali. Ya—yakizuula nti waaliwo Ekintu ekyali kimusibye. Nga bwe tuteeka amatandiiko ku—ku—ku mbalaasi, oku—okubaako kye tusika. Era Pawulo yakitegeera, oluvannyuma lw'obumanyirivu buno, n'emyaka esatu n'ekitundu gye yamala nga ageraageranya o—obumanyirivu bwe yafuna, ne Bayibuli, yakizuula nti Katonda yali amwerobozza era nga asibiddwa Mwoyo Mutukuvu,

olw'obumanyirivu bwe yafuna, okusobola okutwala Enjiri eri Ab'amawanga. Omwoyo, yennyini Ye, yamusiba.

86 Ne, leero, nga abaweereza ba Kristo, tusibibwa, ne tusibwa ku nkoligo. Tetusobola kwetaggulula. Tuba tuggatiddwa wamu naye, nga tusibiddwa ku Kigambo. Si nsonga omuntu omulala yenna kyonna ky'ayogera, obeera osibiddwa ku Kyo. Waliwo eky'enjawulo ku Kyo, ekikuleetera okubeera nti tosobola kumala gakyetakkuluzaako. Obeera osibiddwa wamu nakyo, okuyita mu Mwoyo Mutukuvu, nga akusibidde ku Kigambo. Era ka kibe kiki kyonna omulala yenna ky'ayogera, ekikulu kiba Kigambo, lubeerera bwe kiba. Nga asibiddwa wamu nakyo, n'ateekebwa mu kikoligo nakyo, n'Ekigambo, okuyita mu Mwoyo Mutukuvu, yali asibiddwa.

87 Yali afunye okuyigirizibwa ku—ku ludda luli olw'eddungu ly'Ebuwalabu eyo, ebintu bye byonna ebyasooka, n'obumanyirivu, n'ekiruubirirwa, bwe, byamwambulwako.

88 Kati, awo we tukizuula, leero, nti tuteekwa okusooka, okwambulwa. Naye abantu tebaagala kwambulwa. Ow'oluganda Omumesodisiti ayagala yekwate ku zimu ku njigiriza ze ez'Ekimesodisiti. Uh-huh. Ow'oluganda Omubaputisiti ayagala yekwate ku zimu ku njigiriza ze ez'Ekibaputisiti. Mukiraba? Naye oteekwa okwambulwa byonna, n'ozaalibwa buto, omulundi ogw'okubiri. N'otandikira awo, n'oleka Omwoyo Omutukuvu akuluŋŋamye. Tosobola kugamba nti, "Kale, kati, ki—kitange yagamba, bwe yayingira, bwe yagenda mu kkanisa, yakwata mu ngalo z'omusumba. Era, mmemba mulungi nnyo ow'ekkanisa." Ekyo kiyinza okuba nga kyali kirungi mu mbiro ze, naye tuli mu mbiro ndala kati. Okiraba? Wano tulina okukomawo mu biseera bya Bayibuli eby'ebiro bino.

89 Bakabona baasibibwanga, nabo. Naye, olaba, bajja ate mu mulembe omulala, naye ne—ne balemwa okweyambula ekisiba kyabwe kiri ekikadde okwambala ekisiba ekipya.

90 Kye kintu kye kimu kye tulaba leero. Twava mu mulembe ogw'eddiini, nga bwe twakikakasa okuyita mu mirembe gy'ekkanisa, Bayibuli, n'ebirala, naye twajja kati mu mulembe ogw'eddembe, Omwoyo Omutukuvu Mwene w'akkira wansi ne yeekakasa, n'Alabisibwa, n'aleetera buli kisuubizo kyonna kye yasuubiza, okutuukirira. O, abaffe! Nga kiseera kikulu ddala!

91 Era yategeera nti, ekirala, yategeera nti waliwo ebifo by'atasobola kugendamu, kubanga, yali asibiddwa ku Kino, yali tasobola . . . ne bwe yandyagadde, newankubadde yayagalanga okugenda. Yakitegeera nti ekiruubirirwa kye kyali kimutwala eri ab'oluganda gy'ayitiddwa okugenda, wabula nga anyigirizibwa mu Mwoyo okukola ekirala. Teyali ku lulwe.

92 Oba oli awo omu yagambanga nti, "Ow'oluganda Sawulo, Ow'oluganda Pawulo, twagala ojjeko eno, kubanga ffe tulina

ekkanisa esinga obunene. Ffe tulina ekibiina ky'abantu ekisinga obunene. Ebiweebwayo byo bijja kuba bingi, n'ebirala bwe bityo."

93 Naye olw'okunyigirizibwa mu Mwoyo, n'alowoozaamu nti, "Nninayo ow'oluganda eyo. Nnandyagadde okugendayo ndokole ow'oluganda ono, mmuleete eri Mukama." Naye, ate nga, Omwoyo amuluŋŋamizza kugenda walala. Yali musibe. Mu butuufu.

94 Ayi Katonda, tufuule basibe ab'engeri bw'etyo, okwawukanyizibwa ku biruubirirwa byaffe, n'okwawukanyizibwa ku kusalawo kwaffe n'endowooza zaffe ze tulowooza nti ze ntuufu, tubeere omusibe wa Yesu Kristo. Ndowooza nti ekyo kyali kigambo kya maanyi, okugamba nti, "Ndi musibe wa Yesu Kristo."

95 Ate jjukira nti, Ye Kigambo. Okiraba? Omulala yenna ne bw'aba nga alowooza ki, Kigambo. Mukiraba? Bw'obeera omusibe w'Ekigambo, tewali kibiina kya ddiini kyonna kisobola kukuwugula kukikuggyako. Kiba—kiba Kigambo. Obeera . . . Obeera musibe gye kiri, kye kyokka. Oteekwa kukola nga bwe kikola.

96 Kaakati, yali tasobola kugenda mu bifo bye yali ayagala, kubanga (lwaki?) Omwoyo yamugaananga. Mujjukira nti, emirundi mingi, Pawulo yagezangako okubaako ekifo gy'agenda, nga alowooza nti, "Eyo gye nsobola okubeera n'olukuŋŋaana olw'amaanyi," naye Omwoyo n'amugaana. Kati, ekyo kiragira ddala era ne kikakasa nti Pawulo yali musibe? Omusibe wa Yesu Kristo, nga asibiddwa ku Kigambo Kye, ku bw'Omwoyo! O! Ekyo nkyagala. Uh-huh.

97 Yali asibiddwa. Yali asibiddwa n'olujegere, wamu n'ebisiba eby'okwagala, okukola ebyo Katonda by'ayagala, era ebyo byokka. Yali musibe. Yaliko ebisiba eby'okwagala. Yali mu kikoligo wamu ne Kristo. Yali tasobola kusibagana na kintu kirala kyonna. Yali asibaganye naye. Era yonna Okukulemberwa gye kwalaganga, eyo gye yalinanga okugenda. Ssi nsonga oba embeera yali nnungi etya, wano ku ludda *luno* oba ku ludda *luli*, yalinanga kugenda eyo Omukulembeze n'ekikoligo gye byalaganga.

98 O, akawungeezi ka leero, ssinga naffe, nga Ekkuŋŋaaniro lya Branham, tusobola okufuuka abasibe; eri enkula yaffe ey'obuntu ey'okweyagaliza, eri ekiruubirirwa kyaffe, ne tweweerayo ddala era ne twegatta wamu naye. Ensi ne bw'erowooza ki, ne bw'ekola ki, tussiddwako ekikoligo n'ebisiba eby'okwagala, tuli basibe. "Ebigere byange bisibiddwa nnyo eri Kristo, tebijja kuzina ndongo. Amaaso gange gasibiddwa nnyo ku Kristo, okutuusa nti, bwe ndaba abakazi bano abagwenyufu abali obukunya ab'omulembe guno ku luguudo, Kikyusa omutwe gwange ne ntunula eri. O—omutima gwange gusibiddwa nnyo mu kwagala

gy'Ali, okutuusa nti sikyasobola kuba na kwagala kwa nsi eno, nate. Okwagala kwange okw'okukola kusibiddwa nnyo gy'Ali, okutuusa nti kati sikyamanyi na biruubirirwa byange kye biri. Kimu kyokka nti, 'Yonna gy'onankulembera, nnaagoberera, Mukama.' Nja kubeera musibe." Mukiraba?

99 Pawulo ddala yali musibe. Yali tayogera bigambo byonna bikyamu. Yatendekebwa Omwoyo Omutukuvu, era, okulindirira ku Kigambo. Kaakati, yali yatendekebwa mu ngeri ndala, naye—naye Katonda n'amutendeka mu ngeri endala kati. Yatendekebwa Mwoyo Mutukuvu okulindirira ku Mukama, ebiruubirirwa bye ka bibe nga byali bitya.

100 Kaakati ŋŋenda, nga nnyambibwako Omwoyo Omutukuvu, kubaako ne kye mbalaga. Mukiraba? Kati leka tutwale eky'okulabirako.

101 Lumu, Pawulo ne Siira, baali baserengeta okuva mu kibuga gye baali bakoze olukuŋŋaana. Ne wabaawo, akawala akaaliko emizimu akaabagobereranga, nga kamugobereza ebigambo. Era tewali kubuusabuusa nti Pawulo yali akimanyi bulungi nti alina obuyinza, nga omutume, okugoba omwoyo ogwo omubi okuva ku mukazi oyo. Naye okyetegereza? Yalindiriranga, buli lunaku, okutuusa, lumu, Mwoyo Mutukuvu lwe yayogera gy'ali, ng'agamba nti, "Kino kye kiseera."

102 Awo n'alyoka ayogera nti, "Mwoyo ggwe, muveemu." Okiraba? Yayiga okulindirira ku Mukama.

103 Era awo wennyini abantu bangi leero we baleetera ekivume ku Kigambo. Bagenda balina ekiruubirirwa. Enkuŋŋaana mmeka ezirekeddwa zityo olw'ekintu bwe kityo, olw'okuba omubuulizi w'enjiri tasoose kulindirira kulaba kiki Mukama ky'agamba! Abamu ku bo bagamba nti, "Jangu eruuyi eno," n'a—n'agenderawo butereevu olw'okuba eki—ekibiina kigambye nti, "Genda." Nga ate Omwoyo Omutukuvu yandibadde ayogera kirala. Naye nga, ekiruubirirwa ky'omusajja eky'okufuuka omulabirizi ow'essaza lyonna, oba—oba ekintu ekirala, oba omukadde, oba omulabirizi, oba ekintu ekimu ekiyinza okuba—ekiyinza okuba nga kimusikiriza nti, "Oteekwa okugenda." Naye, nga ate, amanyi bulungi nnyo eky'okukola. Nga Omwoyo Omutukuvu amugamba nti, "Genda *wano*." Mukiraba? Asibiddwa ku kibiina kye. Musibe eri ekibiina.

104 Naye ssinga aba asibiddwa ku Kristo, nga akulemberwa Mwoyo Mutukuvu. Abeera . . . ? . . . Okiraba? Abeera, abeera asibiddwa, nga musibe. Ekintu ekirala kyonna ne bwe kigamba ki tekirina kye kikyusa; kiba—kiba—kiba nga e—ekide ekivuga oba ekitaasa ekisaala. Awulira Ddoboozi lya Katonda lyokka, era ayogera awo wokka we lyogerera. Tabaako na ky'ayogera.

105 Omuntu ayinza okugamba nti, "O, o, Ow'oluganda Jones!" Oba, nti, Ow'oluganda Roberts, oba abamu ku, basajja bano ab'amaanyi mu ggwanga lyaffe leero, nga Tommy Hicks,

oba—oba—oba Oral Roberts, oba—oba Ow'oluganda Tommy Osborn, abamu ku babuulizi b'enjiri abo ab'amaanyi. Omuntu ssinga agamba nti, "Owaaye, jangu ku eno, Tommy. Oli musajja wa Katonda ow'amaanyi." (Oba Oral.) "Era ni—nnina kojjange ali ku ndiri wano, anyigirizibwa nnyo—nnyo. Mu—mulwadde. Njagala ojje. Nzikiriza olina amaanyi aganaamuwonya." Okiraba?

Naye nga ate oba oli awo Omwoyo Omutukuvu yandimugambye nti, "Si kati."

106 Naye, ate, olw'enkolagana gy'alina n'omusajja oyo, kimukakatako okugenda naye. Bw'atakikola, afuuka mulabe wa musajja oyo. Omusajja oyo ajja kugamba nti, "Kale, yagenze ewa *gundi*, n'awonya omwana oli oba omulenzi oli. Mmanyi yagenzeeyo. Ate nga nze mbadde mukwano gwe, okumala emyaka n'emyaka, olaba, naye n'atayinza kujja wange."

107 Naye bw'awalirizibwa Omwoyo Omutukuvu obutagenda, kiba kirungi n'atagenda, bw'aba nga asibiddwa ku Katonda. Mukwano gwe, amwagala. Naye kisingako n'akulemberwa Omwoyo Omutukuvu okugendayo, kubanga bwe kitaba kityo tekijja kugasa n'akatono, era. Ekyo kintuukako emirundi mingi.

108 Naye Pawulo yalindirira Mwoyo Mutukuvu okumubuulira eky'okukola. "Lindirira Omwoyo," bwe yagamba. Yayimirira ekiro ekimu, nga abuulira. N'afuluma. N'alaba omusajja omulema. Mangu ddala, Omwoyo n'ayogera naye, n'agamba nti, "Ndaba . . . " Otya? Mu ngeri y'emu gye yalabamu nti baali bagenda kufuna akabenje, ku kizinga. Okiraba? "Ndaba nga olina okukkiriza okw'okuwonyezebwa. Yimirira ku bigere byo. Yesu Kristo akuwonyezza." Okiraba? Kiikyo. Ya—yali . . . Yali aliko ekimusibye. Ayinza okuba nga yakolawo olukuŋŋaana lwa wiiki nnamba awo ne watabaawo kibaawo, naye era n'alindira Omwoyo Omutukuvu okwogera. Okiraba? Yali asibaganye n'okusaba okwo.

109 Kaakati oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, oli mu kunenya bye wayogera ku Ssande, ku ggwe okulindirira ekiseera kino kyonna."

110 Kale, naye, mujjukira nti, yali Mwoyo Mutukuvu eyayogera nange waggulu eri ku kkubo, n'agamba nti, "Nkutuma oddeyo eri abalwadde n'abanyigirizibwa." Mukiraba? Buwulize eri Omwoyo Omutukuvu. Mazima. Ssaagenda okutuusa lwe yaŋŋamba okugenda. Nnali nnindiridde BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, okutuusa lwe nnafuna BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Kati, ekyo kya njawulo. Mukiraba? Kati, Ki, Ekyo kikolawo enjawulo. Weewaawo.

111 Yalindirira Ekigambo kya Mukama. Yawalirizibwa mu Mwoyo, okukola okwagala kwa Katonda kwokka, olwo n'afuuka omusibe wa Yesu Kristo. Ab'emikwano, ssinga tusobola okufuuka abasibe kyokka!

112 Nkimanyi nti ebbugumu lingi. Naye nna—nnandyagadde okwogera ku by'okulabirako ebirala, bwe muba mwagala. Nninawo nga mukaaga oba munaana bye nnawandiise wano. Naye nna—nnandyagadde okwogera ku ky'okulabirako ekirala kimu oba bibiri.

113 Leka tulabe ku ky'okulabirako kya Musa. Yazaalibwa nga mununuzi. Era ya—ya—yali akimanyi ekyo, nti yazaalibwa nga mununuzi.

114 Naye nga ssinnayogera ku Musa, nnandyagadde okusooka njogere kino, nti, Katonda bulijjo ajja kutwala omuntu yenna, anaamuweereza mu mazima, okubeera omusibe We. Omuntu ateekwa okuwaayo ebiruubirirwa byonna by'alina, buli kimu kyonna ky'ali, buli—buli kimu kyonna, obulamu bwe, emmeeme, omubiri, by'ayagala okukola, ebiruubirirwa, na buli kimu kyonna, n'afuuka mu bujjuvu, omusibe eri Kristo, nga Oyo ye Kigambo, okuweereza Katonda.

115 Kiyinza okukwetaagisa okutambula mu ngeri ekontana n'endaba yo ey'ebintu. Oba oli awo, mu kibiina ekimu, oyinza okulowooza nti bandikuyimusa ne babaako ne kye bakuwa eky'amaanyi, n'oyatiikirira. Naye omaliriza oli wa? Weesanga owanguddwa, oluvannyuma lw'ekiseera, okutuusa nga Katonda afunye omuntu omwetegefu okufuuka omusibe gy'Ali.

116 Katonda anoonya basibe. Bulijjo ky'akola. Osobola okukinoonya mu Byawandiikibwa. Omuntu ateekwa okuba omusibe eri Kristo, si nsonga kiki kyonna. N'olw'ekyo, oba tosobola kukwataganyizibwa na kintu kyonna okujjako Kristo; k'abe kitaawo, nnyoko, muganda wo, mwannyoko, balo, mukyala wo, oba omuntu yenna. Obeera okwataganye na Kristo, era Ye yekka, awo Katonda aba asobola okukukozesa. Nga tonnatuuka awo, tosobola.

117 Bwe ŋŋenda ebweru, ebiseera ebimu njogera eri abantu mu ngeri enkakali. Okiraba? Mbeera—mbeera ngezaako kukuleetera kwesalako bintu. Oteekwa okubaako ne w'otandikira, okugeza nga emirundi egimu bwe njogera ku bakazi abasala enviiri zaabwe ne bambala engoye zino, ate ne basigala nga bakyeyita Bakristayo. Nga bagamba mbu, "Ekyo kintu kitono." Kati nno, oteekwa okubaako ne w'otandikira. Kale n'olw'ekyo tandikira awo wennyini, ku ABC zo. Okiraba? Weesaleko endabika y'ensi, yonna, ofuuke musibe eri Kristo. Oluvannyuma ogende mu maaso, nga weesalako buli kimu, okutuusa n'ekisembayo lwe kinaasalibwako. Olwo ojja kuba—ojja kuba—ojja kuba ofuuse musibe, oba mu ngalo Ze, nga Ye—y'akulina mu ngalo Ze.

118 Kaakati, Musa yali akimanyi nti yazaalibwa mununuzi. Ekyo yali akimanyi. Naye wali weetegerezza, ekiruubirirwa Musa kye yalina; nga akimanyi nti nnyina yali yamugamba nga ali eri, kubanga ye yamukuza.

119 Ky'ova olaba, nga Musa omuwere bwe yazaalibwa, nnyina yagamba nti, "Omanyi, Musa, bwe...Kitaawo, Amulaamu, nange twasabanga bulijjo. Twakitegeera, era ne tukiraba mu Kigambo, nti kye kyali ekiseera eky'okujja kw'omununuzi. Ne tusaba nti, 'Mukama Katonda, twagala okulaba omununuzi oyo.' Lumu ekiro, Mukama n'atugamba, okuyita mu kwolesebwa, nti wali wa kuzaalibwa, era ggwe wali ow'okubeera omununuzi. Tetwatya kiragiro kya kabaka. Tetwafaayo ku byonna kabaka bye yayogera. Bwetutyo, twakitegeera nti wazaalibwa nga oli munununuzi. Kaakati, Musa, twakimanya nti twali tetusobola kukukuza."

120 Kaakati mujjukire nti, baali baakamalayo, emyaka ebikumi bina mu Misiri. Okiraba?

121 "Ate twa—twali twagala okukuwa e—ekintu ekituufu, ofune okuyigirizibwa okutuufu, okutendekebwa okutuufu. Kale, nnakutwala ne nkuteeka mu kabaya ak'ebitoogo, ne nkuteeka ku Kiyira. Era nga kyali kyewuunyisa, engeri amayengo gye gaatwala akabaya ako ne gakaserengesa okuyita mu bitoogo, ne gakaserengesa butereevu, mayiro ne mayiro okuva awo, ne gakatwala butereevu mu lubiri lwa Falaawo, awaali... muwala wa Falaawo we yali, awaali ekifo kye we yawugiranga. N'engeri gye—gye nnakitegeeramu nti ajja kwetaaga omukazi ow'okukukuza."

122 Kati mu nnaku ezo, weewaawo, tebaalina ccupa zino ez'okuyonsezaako abaana, n'olwekyo yalina okufuna o—omulezi w'abaaana asobola okuyonsa. Kale...

123 "Awo, Miryamu, ne mmutuma agendeyo. N'ayimirira awo, n'agamba nti, 'Mmanyi we nsobola okufuna omulezi w'abaana ayonsa,' n'ajja n'annona. Kaakati, Musa, ekiseera kiweddeko. Mukwano, kati olina emyaka kkumi na mukaaga, era ogenda kubeera mutabani wa Falaawo. Naye lumu olifuuka omununuzi alifulumya abantu okuva wano."

124 Ebiruubirirwa bya Musa ne bitandika okukula. "Ŋŋenda kusoma, maama. Ŋŋenda kusoma buli kimu kyonna kye nsobola. Omanyi kye ŋŋenda okukola? Ŋŋenda kutendekebwa okubeera omujaasi, ntegeere engeri gye nnyinza okufulumyamu abantu okuva wano. Nja kufuuka omuduumizi w'amagye ow'amaanyi, oba omulabirizi, nsobole okutegeera engeri ey'okukikolamu. Era nja—nja kukikola. Nja kufuna Ph.D yange oba LL. Nja—nja kukikola."

125 Okufaananako ne "Faaza Chiniquy," bwe muba mwali musomyeko ku bitabo bye. Kale. Yali agenda "okununula Abapulotesitanti bonna," mumanyi, naye ate n'afuuka omu ku bo, ye kennyini. Kati, faaza ono ow'erinnya, emyaka mingi nnyo emabega, "Faaza Chiniquy," musaanidde okufuna ekitabo kye mukisome. Bamuyita, "kitaffe." Ye Ow'oluganda Chiniquy, ekyo kye yali. Tetuyita muntu yenna "kitaffe," bwe

tutyo. Kati tukizuula nti—nti twali . . . Yali agenda kusoma Bayibuli, asobole okugenda ebweru eyo akakase Abawakanya obukatoliki abakyuse bonna bafuuke Bakatuliki. Naye bwe yagenda okusoma Bayibuli, Omwoyo Omutukuvu n'amukkako, n'afuna Omwoyo Omutukuvu, ate—ate n'afuuka omu ku bo.

126 Kati nno weetegereze kino, nti Musa yafuna okutendekebwa kwonna. Kubanga, ya—yali akimanyi. Yali mugezi nnyo, nga muyivu, era mukenkufu! Okutuusa, nti tewaaliwo muntu yenna . . . Yali asobola n'okutendeka Abamisiri. Okutuusa nti, yali asobola n'okubatendekera abo abasoma embeera z'abantu. Yali asobola okutendeka aba—abaduumizi b'amagye baabwe kye kitegeeza okubeera n'amaanyi ag'ekinnamagye. Yali musajja wa maanyi. Era abantu baali batya Musa, olw'obukulu bwe. Ha, omusajja omukenkufu nga oyo! Abaffe! Yali ssaabalabirizi, oba oli awo nga paapa. Yali musajja wa kitiibwa nnyo. Era yali musajja wa—wa—wa maanyi nnyo. Nga akimanyi bulungi nti kino kye yazaalibwa okukola, era yali yatendekebwa, n'ekiruubirirwa, eky'okukikola.

127 Nga bwe kiri leero. Ssigamba nti abasajja, abatendekebwa mu matendekero gano, ssigamba nti . . . Nga abali, eri mu Bugwanjuba, kati, bagenda kuzimbayo ettendekero ly'eby'eddiini lya bukadde bwa ddoola kikumi mu ataano, okiraba, nga lya Bapentekoote, kikum- . . . ettendekero lya bukadde bwa ddoola kikumi mu ataano. Gyendi, ezo zandisindise babuulizi ba njiri bweru. Okiraba? Okiraba? Okiraba? Naye, kale, bakola ki bwe bavaayo? Baba bafuuse ki? Kibinja kya Bakazannyirizi. Mazima ddala. Era bwe batyo bwe bafulumayo. Bulijjo bwe kibaddenga, n'abalala bonna, era eyo ye nkola y'emu. Okiraba?

128 Kaakati tukiraba, nti, Musa, bwe, mu kutendekebwa kwe kwonna, n'olwaleero, n'okutendekebwa kwonna, n'okufuuka abalabirizi abanene n'ebirala, n'ebiruubirirwa eby'amaanyi, ebinene, kiki kye tunaakola? Ebiruubirirwa byaffe bifuuka kyenkana nga ebya Musa bwe byali. Okiraba?

129 Katonda, nga tannakwata musajja mu ngalo Ze, yalina okusooka okumwambula ebiruubirirwa bye. Yalina okumwambula okutendekebwa kwe kwonna.

130 Okufuluma yafuluma, era yanunula; yatta Omumisiri omu. Era bwe, bwe yakikola, n'akizuula nti akoze nsobi. Yali tasobola kukikola. Eyo ssi ye yali engeri ey'okukikolamu. Era Katonda yalina okumutwala mu lukoola, eyo mu ddungu, mu kifo eky'eddungu.

131 Bwe weetegereza, kirabika nga ekitali kya bulijjo, engeri abasajja bano, Katonda be yawanga obubaka, yabatwalanga mu ddungu.

132 Yatwala Pawulo mu ddungu, okumutendeka, okumutegeeza ku bikwata ku kwolesebwa kwe kuno, eyo mu ddungu.

"Genda eyo mu ddungu." Era yabeerayo okutuusa Katonda lwe yamubikkulira mu bujjuvu eky'okukola.

133 Ne mu kiseera kya Musa, yamutwala mu ddungu. N'amukuumira eyo okumala emyaka amakumi ana, n'amwambula obuyigirize bwe bwonna obw'eddiini n'ebiruubirirwa bye byonna. O, nga kyali kiseera, we yatunuulira emabega n'alaba okulemererwa kwe. Era nga naffe, akawungeezi ka leero, tusaanidde okukola ekintu kye kimu, bwe tulaba ebiruubirirwa bya—byaffe.

134 Tunuulira enkuŋŋaana ez'okuwonyezebwa, olabe oba nga Mukama alina kye yakola emyaka mitono emabega, okutandika okukomyawo okuwonyezebwa eri abalwadde, n'ebirala.

135 Buli muntu, buli kibiina, olw'okuba tekyajjira mu kibiina kyabwe, baalina okwefunira nabo asabira abalwadde. Kati kiki kye tukoze? Leka tukirabe mu kaseera katono. Tukoze ekintu kye kimu Musa kye yakola. Tufulumye ne tugezaako nga bwe tusobola okubaako eky'amagero kye tujingirira. "Waliwo endwadde empunyira. Nni—nni—nnina omusaayi mu ngalo zange," ne tujingirira eky'amagero. Okiraba? Naye kiki kye tufunyemu? Abamu ku basajja abo mu kwewaliriza okwo okw'amaanyi, kubakutudde ne bafuuka batamiivu nnyo, abatabufu b'obwongo, ne batabuka n'emitwe, ne baviira ddala, ku nkola ey'ekiruubirirwa ekya pentekoote, ne baddayo mu kukola ebibiina n'ebintu nga ebyo nate. Okiraba?

136 Kiki kye tukoze? Tusseeyo Omumisiri omu yekka. Kituufu. Ate nga tugezezzaako. Tufubye. Tusasudde ensimbi. Tulafuubanye, ne twewaliriza okuyita mu kiro kyonna mu nkuŋŋaana z'okusaba, ne tutuuka n'okusaakaala emimiro. Nga—nga tugezaako okubaako ne kye tujingirira, ne tutabika kino na kiri, n'ebintu bino byonna, naye ne tukizuula nti byonna kulemererwa. Twetaaga okuddayo mu ddungu. Kituufu. Yee, ssebo. Okwekaniikirira n'okufuba ennyo. Lwaki towanika buwanisi? Ekyo ky'olina okukola, okiraba, ddayo okkirize nti bikulemye. Okiraba, tukoze ekintu kye kimu kyennyini kye baakola, kyennyini Musa kye yakola. Tewali njawulo. Oluvannyuma lw'emyaka amakumi ana, yeesanga musibe eri Ekigambo kya Katonda. Naye ffe kiki kye tugezaako okukola?

137 Bwe wabaawo, Omukisa ogw'amaanyi ogufukumulwa, n'okulabisibwa kw'ebintu bino byonna eby'amaanyi Katonda bye yatugambako: nga bwe tuteekwa okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri; nga bwe tuteekwa okufuna Omwoyo Omutukuvu; okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo; n'ebintu bino byonna.

138 Olaba, abantu, mu kifo ky'okusigala n'Ekigambo ekyo, nga bakinywereddeko, bakola ki? Baatandika na njigiriza za bibiina by'amadiini gaabwe ezitaliiko bukakafu, ezaali zaalemwa edda, ne bagezaako okujingirira ekintu kifaanane nga Amazima.

139 Ka nkome awo. Okiraba? Nkakasa muli bagezi ekimala okusobola okutegeera kye ntegeeza. Okiraba? Naye, kati, laba kye kikoze. Kirowoozeeko.

140 Kiki kye tulina, akawungeezi kano? okujjako e—e—eggwanga erijjudde abantu abeekozeemu ebibiina: abagaana Ebyawandiikibwa bya Katonda; abayita o—o—Obulamu bw'Omwoyo Omutukuvu, okuba, "Okusoma obusomi okw'e—okw'ebirowoozo by'abantu"; abagaana abalinga abo okugenda mu kkanisa zaabwe; era tebasobola na kukukkiriza kwogera Kigambo n'ekimu ekikwata ku zzadde ly'omusota, Obukuumi obutaggwaawo, n'ebintu Omwoyo Omutukuvu by'abikkudde era n'abikakasa okuba Ekigambo. Mbasoomoozezza bulijjo, baveeyo bandage wa wendi omukyamu.

141 Balina ki? Ekintu kye kimu ne Luther kye yalina, n'abalala bonna, olaba, basse Omumisiri omu yekka. Kiki kye tuteekwa . . . Kyali kiki? Oba oli awo yasobozesa omuntu omu okutandika . . . okulekera awo okubba, oba n'abeera mwesigwa eri mukyala we. Naye mwamufuulamu ki? Mmemba wa kkanisa. "Jangu weegatte ku kibiina kyaffe." Okiraba?

142 Omulambo gw'omusajja ogwo ogwali guwunya kye kintu kyokka kye yali asobola okulaga, nga obuwanguzi bwe, oluvannyuma lw'emyaka amakumi ana egy'okutendekebwa; Omumisiri awunya ekivundu nga ali awo, avunze mufu.

143 Bwe kityo bwe kiri akawungeezi kano. Ekintu kyokka kye tusobola okulaga, ku lw'okudda obuggya kuno okw'amaanyi (nga bwe kuyitibwa), kye kibiina kya ba mmemba ekiwunya ekivundu abatalina yadde n'akatono ke bamanyi ku Katonda nga Omukotentoti nnansangwa w'omu maserengeta ga Afirika bw'atalina ky'amanyi ku bifa mu mambuka e Misiri. Mazima. Nga, ssinga obabuulira ku Kigambo kya Katonda, bajja kugamba nti, "Ekyo ssikikkiriza." Bakugambe nti, "Ssifaayo ku kyonna ky'oyogera, ssikikkiriza." Okiraba? Okiraba? Ekyo kintu kya nnaku nnyo okubeera nti ky'ojulizaako, oluvannyuma lw'okufuba kwonna n'okulafuubana ne byonna bye tulina.

144 Oba oli awo tuyinza okulaga ettendekero eddene, naye nalyo ffu. Tuyinza okulaga ekibiina ky'abantu, naye nakyo kifu. Kiwunya. Kiringa ekintu kiri ekyasooka kye twaddukamu. "Nga embizzi eddayo mu bitoomi, n'embwa eddira ebisesemye byayo," bwe tukyuka ne tuddayo. Omulambo gw'Omumisiri gumu gwokka.

145 Wateekwa okuba nga waliwo eyagamba nti, "Musa, ky'ogamba, tokyalumirirwa bantu n'akatono? Wayitibwa kukola kino." Omuntu eyali amanyi Musa obulungi, nga akimanyi nti yayitibwa ku lw'ekyo. "Kati tokya . . . Tokyafaayo ku bantu?"

"Nedda, ssebo."

146 "Kati, lwaki toli ludda, eri, nga okola *kino*? Ye ate lwaki toli eri, nga ogezaako *kino*? Ye abaffe lwaki togenda ne banno?"

147 Musa yali eyo nga ayambulwa, okutuusa lwe yafuna obumanyirivu ku kisaka ekyaka, obwategeeza Ekigambo. "NZE Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Era nzijukidde ekisuubizo Kyange. Era nzise wansi okubanunula. Nkutuma kaakano okukikola." Ekyo kyali kimala.

148 Yalaba Kigambo, so si biruubirirwa bya bantu oba kuyaayaana kwa bantu. Kati oluvannyuma yafuuka ki? Teyaddamu kwagala kweŋŋanga Bamisiri. Teyaddamu kwagala kweŋŋanga kintu kino. Naye yafuuka musibe. Amiina. Emyaka amakumi ana nga adduka, n'ayambulwako byonna, naye ate oluvannyuma n'afuuka musibe, awo ku lusaka olwaka, Musa oyo ow'ekitalo n'amagezi ge gonna ge yalina. Nga Bayibuli bw'egamba nti Musa yali musajja wa ttutumu nnyo mu bigambo ne mu bikolwa, mu Misiri.

149 Naye weetegereze omukenkufu mu by'eddiini kye yakola mu Maaso g'olusaka olwaka. Yayatula bwatuzi obunafu bwe. Bwe yalaba ekigendererwa kya Katonda ekituufu, n'ayatula nti yali tasobola kukikola. Naye ate nga, yali yatendekebwa mu by'eddiini byonna bye baasobola okumuwa, nga yatendekebwa mu ssomero lyabwe eryali lisingayo. Naye, ate nga, kiki kye yali asobola okukola nga. . . Empagi y'Omuliro eyo bwe yakka wali mu lusaka? Yagamba bugambi nti, "Ssisobola na kwogera. Um-hum. Mukama, nze ani, okuntuma?" Okiraba?

150 "Ggyamu engatto zo, Musa. Njagala kwogera naawe. Weeyambuleko byonna, n'engatto zo. Nga we—weeyaze ku ttaka nate. Njagala kwogera naawe."

151 Nga tasobola na kwogera. Oluvannyuma lwa byonna, omusibe alondeddwa, nnabbi alondeddwa, ddala ddala nga Pawulo bwe yalondebwa. Musa yalondebwa, okuba omununuzi. Kati oluvannyuma, ku nkomerero ya byonna, Katonda n'afuna omusajja We gwe yerondedde anaamugondera omusibe We. O, alleruya! Nga asobola kukola ekyo kyokka Ekigambo kya Katonda kye kiragira. "Mbagambe nti ani antumye?"

"NDI."

"Nnaakikola ntya?"

"Nja kubeera naawe."

152 "Weewaawo, Mukama, nga bw'Ogamba. Nzuuno." O, abaffe! Oyo, ye musibe.

153 Yeerekereza endowooza ye. Kati, yali yatendekebwa kulagira magye. "Ebitala, waggulu! Mukyuke-mutunule gye muva!" Nga yatendekebwa kuduumira nti, "Ebigaali, mwenna mwetegeke! Amafumu, mu maaso! Tulumbe!" Bw'atyo bwe yali agenda okugiwamba. Okwo kwe kwali okutendekebwa kwe.

Naye yagamba nti, "Ŋŋenda kukozesa ki?"

N'amubuuza nti, "Kiki ky'olina mu ngalo zo?"

154 "Muggo." Katonda ebiseera ebimu akola ebintu mu ngeri eyewuunyisa ennyo, eri entegeera y'omuntu. Okiraba? Ng'akutte muggo mu ngalo ze. Enswiiriri nga zirengejja. Wa myaka kinaana. Mukyala we nga atudde ku nnyumbu; aleze omwana. Nga obukono bwe, obunafu bulebeya; n'omuggo. Omutwe gwe gwokka gwe gwali gwesimbye, kubanga yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Lwaki? Ku nkomerero ya byonna yali asudde ennanga.

155 Yali musibe. "Sijja kusimbula kigere kyange okujjako nga Ekigambo kiŋŋambye nti simbula. Okwogera nja kwogera mu kaseera ako kokka Ekigambo we kinnaŋŋamba okwogera."

"Ogenda wa?"

156 "Nnina omulimu gumu gwokka: kuyimirira mu maaso ga Falaawo mmulage, nga nkozesa omuggo guno, nti Katonda antumye." Amiina.

"Oluvannyuma lw'okukola ekyo ogenda kuzzaako ki?"

"Ajja kumpa eky'okuzzaako, nga mmaze okukola kino."

157 Kiikyo. Ekintu kiri kimu kyokka ky'olina okukola, ekisooka, akawungeezi ka leero: weeweeyo, ofuuke musibe. Teweerowozaako yadde okulowooza ku kintu ekirala kyonna. Fuuka musibe.

158 Musa yafuuka musibe, n'ayatula nti n'okwogera yali tasobola kwogera. Ku nkomerero ya byonna, Katonda bwe yamukwata mu mukono Gwe, n'aba nga agenda eyo yokka Katonda gy'aba amugambye okugenda. Awo, bwe yamugamba Ekigambo. Yakitegeera nti kye Kigambo, era ne yewaayo eri Ekigambo. Era awo Omwoyo Omutukuvu, Katonda, n'anywereza Musa ku ekyo Katonda ky'ayagala.

159 Ekyo kye kintu kye kimu kye yakola Pawulo. Kituufu? Yasiba Pawulo; akasajja, Akayudaaya akaali kaduula, ak'ennyindo ensongovu, ha, nga kalina ddiguli za Ph.D. ne LL.D. nga zikajjudde. Naye yagamba nti, "Ŋŋenda kumulaga by'agenda okuyitamu ku lw'Ekigambo." Okiraba? Era n'a . . .

160 Era oluvannyuma lwa Pawulo okutuula wansi n'alaba Ekigambo, n'akiraba nti oyo yali Yesu, yagolokoka n'ayimusa emikono gye mu bbanga ne yewaayo okunywerera ku Ye. Okwagala kwa Katonda kwamunywereza ku Kigambo. "Agenda kujulira Erinnya Lyange eri Ab'amawanga." Bw'atyo n'agenda.

161 "Musa, NZE Katonda wa bajjajjaabo. NZE Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo. Nzijukira nga nnabasuubiza, era ekiseera ky'ekisuubizo kisembedde. Ndabye okubonaabona kw'abantu Bange. Nzijukidde ekisuubizo Kyange. Era Nzise wansi nkusibe. Omanyi Ekigambo bwe kigamba. Nkusibye oserengeteyo, nkusibye n'amaanyi, oserengete ogende onunule abantu Bange. Genda n'omuggo gw'olina mu mukono gwo, okubeera obujulizi, kubanga olabye eky'amagero nga kikolebwa

okuyita mu muggo ogwo." Nga Dawudi, bwe yalina envuumuulo. Okiraba?

162 Ne yenyweza, n'agenda. Ku nkomerero ya byonna, Katonda yalina omuntu amugondera, gw'anywezezza, nga tasobola kusitula kigere kye okutuusa nga Ekigambo kya Katonda kimugambye nti genda. Abantu ssinga bakola bukozi ekyo, leero! Olwo, n'afuuka musibe We, omusibe ow'okwagala, nga asibiddwa wamu mu kisiba eky'okwagala, ne—ne Katonda, nga Pawulo bwe yasibibwa awamu mu kisiba eky'okwagala ku Katonda.

163 Era nga Pawulo, bombiriri baatendekebwa mu ngeri y'emu. Musa yatendekebwa, nga bwe mukimanyi, okusobola okununula abaana ba Isiraeri nga akozesa amaanyi ag'ekinnamagye. Pawulo yatendekebwa kubajja mu mikono gy'Abaruumi babeere ba ddembe, nga akozesa amaanyi ge ag'ekikugu ag'enkola y'eddiini mu nsi mu kiseera ekyo. Amasomero ag'amaanyi ag'eby'enjigiriza, n'akulira wansi wa Gamalyeri.

164 Era bombiriri baagenda mu ddungu, um—hum; ne bavaayo nga basajja ba njawulo. Bombiriri baalaba Empagi y'Omuliro. Era bombiriri baali ba nnabbi. Ssi kituufu? Bombiriri, baali ba nnabbi. Era bombiriri Empagi y'Omuliro yayogera gye bali, mazima ddala, nga enona omununuzi. Baabo; ne bagenda mu ddungu. Ne baleka amaka gaabwe ne bagenda mu ddungu, okuzuula. Ne baleka abantu baabwe na buli kimu kyonna, ne bagenda okuzuula Katonda ky'ayagala kikolebwe. Mukiraba?

165 Bombiriri baali baatendekebwa mu ngeri ndala; naye Katonda n'abakyusa mu ngeri endala. Era baalina okufuuka abasibe abajjuvu, obutaddamu kweyisa nga bwe baagala kweyisa, naye beeyise mu ngeri Katonda gy'ayagala beeyiseemu. Abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

166 Tukyawezaayo eddakiika endala nga kkumi, njogere ku bano?

167 Mu bwangu ddala leka nfuneyo eky'okulabirako ekirala. Nnina gwe ndaba kati. Erinnya lye ye Yusufu. Yali mwana omulonde. Yali kifaananyi kyennyini ekyoleka Yesu Kristo. Yazaalibwa nga nnabbi. Yali nnabbi, naye. Mukiraba? Era yali asobola okulaba okwolesebwa. Era bwe yali nga akyali kalenzi kato, yalaba okwolesebwa ng'atudde ku nnamulondo, nga baganda be bamuvunnamira. Okiraba? Naye labayo. Yafuuka . . . Yeewulira nga omusajja ow'ekitalo. Okiraba? Bali bonna . . .

168 Naye Katonda yali agenda kukola ki? Yakola ekintu kye kimu kye yakola bali abalala. Kubanga, Musa yali mununuzi, Pawulo yali mununuzi, kaakati ne Yusufu yali mununuzi. Yawonya abantu be obutattibwa njala.

169 Katonda yamukola ki? Yamuteeka mu kkomera, yamukasuka butereevu mu kkomera. Yee, ssebo. Jjukira

nti, yatundibwa baganda be, eri Omumisiri. Ne bamutunda eri Potifaali. Potifaali n'amuwaamukko ku kalembereza, era, ekyaddako okimanyi, akalembereza ako nako ne kamuggyibwako. N'abeera eyo mu kkomera, ng'akaaba, n'akaaba. Katonda yalina okubimwambula.

170 Kaakati wekkaanye. Naye, ekiseera ekyo kyonna, nzikiriza, bwe yali, mu kkomera eryo, yasobola okujjukira nti okwolesebwa kw'agamba nti yali wa kutuula ku nnamulondo, era baganda be baali ba kumuvunnamira, kubanga yali akimanyi nti ekirabo kye ky'ava eri Katonda. Era yali akimanyi nti kirina okutuukirira.

171 Ekyo ssinga tuba tusobola okukikuumira mu birowoozo byaffe, n'okusinziira ku Kigambo kya Katonda, nti mu nnaku zino ez'oluvannyuma agenda kubeera n'Ekkanisa, agenda kubeera n'abantu. N'ebintu bino bye yasuubiza, agenda kubikola. Yagamba ajja kubikola, era tuli mu kiseera ekyo. Awo we tuli. Agezaako kutweddiza tufuuke basibe bennyini kati, nga tuggaliddwa munda wamu naye.

172 Mwali muwulidde ku luyimba olwo olw'edda lwe muyimba nti, "Olwo mba nzigaliddwa munda wamu ne Katonda"? Njagala kuggalirwa munda wamu ne Katonda. Kaakati, wano we nnalowoolezza ku kino. Okuba nga oggaliddwa munda ne Katonda, nga tewali kirala kyonna, era nga ositula ekigere kyo okutambula nga Katonda amaze kukugamba nti kikole. Nga okola ebyo byokka Katonda by'akugamba okukola, okiraba, olwo oba oggaliddwa munda wamu ne Katonda.

173 Kati jjukira nti, yali abirowoozaamu. Naye kennyini yalemererwa ddala, ku bubwe. Mu byonna bye yali amanyi, mu byonna bye yali yayiga, n'ebirala, yalemererwa. Byonna tebyakola. Yateekebwa mu mbeera nga tewali n'omu yali asobola kumuwuliriza. Yali musibe. Okiraba? Yateekebwa mu mbeera, abatakkiriza gye baali tebasobola kukkiriza. Mulaba kye ntegeeza? Obuweereza bwe tebulina kye bwakola. Abantu baakyusanga bukyusa mitwe gyabwe ne batunula eri. Baali tebasobola kumuwuliriza eyo mu kkomera. Obuweereza bwe bwali bugasa ki? Nga ayinza okuyimirira ne yeekwata ku mitayimbwa gy'ekkomera n'ababuulira enjiri; naye nga beeyongerayo bweyongezi. Okiraba? Naye yali afuuse musibe. Era Katonda yamukuumira mu mbeera eyo, nga musibe, okutuusa embeera lwe yakyuka n'etereera. N'agamba nti, "Wuuno omusajja Wange." Kitiibwa! Nga alemereddwa ddala!

174 Ku nkomerero ya byonna, Katonda n'ajja gy'ali eyo mu kkomera lye. Nga Pawulo, nga bali abalala bonna, y'Ajja gy'ali. N'akozesa ekirabo kye yali yamuwa, okusobola okumujjayo. Ky'ekyo. Yamujjayo mu kkomera lye. Yakola ki? Mangu ddala nga amaze okumujjayo mu kkomera, kabaka yamuwa obuyinza, kabaka we, n'amutuuza ku mukono gwe ogwa, n'aba nga

y'amuddirira. Yaggyibwa mu kkomera n'aweebwa obuyinza, okuba, nti kyonna kye yayogeranga, ky'alina okukolebwa. Amiina.

175 Mu kkomera lye, yabeeranga ajjukira, nti yazaalibwa olw'ekigendererwa. Yali agenda kutuula ku mabbali ga kabaka. Era bali abalala bonna baali ba kumuvunnamira. Okwolesebwa kwe bwe kutyo bwe kwamugamba. Amiina. Naye nga okwolesebwa kwe tekunnatuukirira mu bujjuvu, yalina okusooka okufuuka omusibe. Amiina. Oluvannyuma n'afuuka omufuzi. Era bwe yavaayo mu kkomera lye, n'afuuka omusibe w'Ekigambo kya Katonda, n'aba nga ayogera ekyo kyokka Katonda ky'amutadde mu kamwa okwogera, olwo Katonda n'amukoleramu.

176 Wekkaanye, nti Musa yalina obuyinza okusiba abaami ba Falaawo bonna, ssinga yali ayagadde. "Bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Siguukululwa.'" Uh-huh, uh-huh. Yalina obuyinza obusobola okusiba abaami ba Falaawo. Oba baali badiikoni, oba balabirizi, oba baali ba—bakiise ba ttwale oba kyonna kye baali. Yagambanga bugambi nti, "Mbasibye," ne basibibwa. Kyali kimala. Yali asobola okulagira ne kikolebwa, wonna w'akyagalidde. Amiina. Ekitiibwa kidde eri Katonda!

O, nsigazizzaayo eddakiika endala ssatu, kale ŋŋenda kutuukiriza kye nnasuubizza.

177 Kati tukizuula nti, ya—yafuuka musibe wa Katonda, okuva mu kubeera omusibe w'ensi. Okuva mu . . . Pawulo, naye kye kimu. Ne Musa, naye kye kimu, okuva mu kubeera omusibe w'endowooza eyiye ku bubwe, okufuuka omusibe wa Katonda. Era bwe yavaayo, yalina amaanyi ga Katonda. Kati bwe yafuuka Pawulo . . . Endowooza ya Musa eyiye ku bubwe, bwe yagiwaayo, n'agyeyambulako, yafuuka musibe wa Kigambo kya Kristo. Nga asobola okugenda yonna . . .

Oyinza okugamba nti, "Kristo?"

178 "Yatwala ekivume kya Kristo okuba eky'omuwendo omungi okusinga eby'obugagga bye Misiri." Kale naye yali musibe wa Kristo, era nga Pawulo bwe yali.

179 Mujjukire nti, abasatu bano bonna baali bannabbi. Mukiraba? Era baalina okwambulwa endowooza zaabwe, okusobola okufuuka abasibe eri okwagala n'enkola za Katonda.

180 Tujjukira, kati, nti yalina obuyinza okusiba, nga alagira bulagizi. Yalina obuyinza okusumulula, era nga alagira bulagizi. Yali asobola okugamba nti, "Nkusumuludde, mu linnya lya kabaka wange." Amiina. Falaawo yafuula Yusufu mutabani we.

181 Kristo ababe abafuula, basibe ba kwagala, batabani Be. N'abawa amaanyi, gennyini ge yalina. Enjiri y'Omutukuvu Yokaana 14:12 wagamba nti, "Oyo anzikiriza Nze," okiraba, "emirimu gye nkola naye aligikola. Alikola n'egisingawo ku

gino." Kaakati omusibe w'okwagala kwa Kristo aweebwa amaanyi okuva eri Kabaka we, nga Ye Kristo. Amiina. "Mazima ddala nkugamba nti, bw'olyogera eri olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogedde kikolebwa, kirikukolerwa. Bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe; bwe munywerera ku Nze," kubanga Ye n'Ekigambo Kye bali kimu. "Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Ekigambo kyali ne Katonda. Ekigambo ne kyambala omubiri ne kibeerako gye tuli. Y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna! Bwe mubeera mu Nze," si *wano* ne *wali*, "bwe mubeera mu Nze, n'Ekigambo Kyange mu mmwe; musabe kyonna kye mwagala, oba mwogere kyonna kye mwagala okwogera, kinaabakolerwa." Yalina amaanyi.

182 Weetegereze, nga tannavaayo, yalina okutwalibwa n'amwebwa. Waaliwo ebintu ebitonotono ebyali birina okumumwebwako nga tannaba kusisinkana kabaka we. Okiraba?

183 Ha, Katonda emirundi egimu atwala abantu Be bw'atyo, n'abamwako ebimu kw'ebyo bye baagala nga bo, n'abalaga nti tebasobola kukola buli kimu kyonna kye baagala kukola. Mumanyi kye ntegeeza. Teba—tebalina ddembe kukola kyonna kye baagala kukola. Nga tebannaba kuteekebwa mu buyinza obujjuvu n'okubeera abaddu ba Kristo ab'okwagala, bateekwa okusooka ne bamwebwa oluvannyuma ne banjulibwa. Emirundi egimu abatwala mu ddungu, okusobola okukola ekyo, okubamwako. Oluvannyuma n'abaggyayo, abo abafukeko amafuta, okusobola okutuukiriza ekigendererwa kye yabateekerateekera okukola. Mulaba kye ntegeeza?

Ab'oluganda, tuli mu kiseera eky'enkomerero.

184 Jjukira nti, emirundi emirala gyonna, ekyo ky'Abaddenga akola. Bulijjo abaddenga atwala omusajja n'amufuula omusibe We, n'alekawo ababe. Nga alina okwerekereza buli kimu kyonna ky'abadde amanyi, ne yeerabira okutendekebwa kwe kwonna, na buli kimu kyonna, okusobola okutegeera Katonda by'ayagala, n'okugoberera Katonda.

185 Tasobola kumala gagoberera kintu kyonna omuntu ky'akola, ate n'agoberera ne Katonda, mu kiseera kye kimu. Biba bikontana, ekimu ne kinnaakyo. Tosobola kuba nga oyolekedde buvanjuba ate n'oba nga oyolekedde bugwanjuba mu kiseera kye kimu. Tosobola kugenda ku ddyo na ku kkono mu kiseera kye kimu. Tosobola kuba nga okola ebigwanidde n'ebitagwanidde mu kiseera kye kimu. Tosobola kuba nga ogoberera muntu ate n'ogoberera ne Katonda mu kiseera kye kimu. Nedda, sssebo. Ogoberera Katonda oba ssi kyo ogoberera muntu.

186 Kati, nno, bwe kiba nti ogoberera Katonda era nga weewaddeyo eri Katonda, olwo ofuuka musibe eri Katonda oyo,

eri Ekigambo ekyo, eri by'ayagala. Ka kibe kiki omuntu omulala yenna ky'agamba, oba ofuuse mu—musibe gye kiri.

187 Muwulirize. Tuli mu kiseera kya nkomerero. Era kino nkyogera n'obwegendereza n'okussaamu ekitiibwa, nga eddakiika ezisembayo bwe ziggwayo. Labayo. Ekyo Katonda, okusinziira ku nze nga bwe ndaba, ky'agenda okukola era ky'ateekwa okukola, era ky'anaakola mu nnaku zino ez'oluvannyuma, kwe kufuna ekikozesebwa eky'amakungula. Ateekwa okufuna ekikozesebwa, eky'okukozesa mu makungula. Omulimi yenna, bw'agenda mu makungula ge, ateekwa okuba ng'alina ekikozesebwa eky'okukozesa okukungula; mazima ddala bwe kiri, ateekwa okuba n'ekiwabyo ekiwagale obulungi oba ekintu bwe kityo, ekikozesebwa ekiwagale obulungi, eky'okusazisa ebirimba. Era kaakano amakungula gengedde.

188 Katonda, tweddize mu mukono Gwo. Tufuule baddu abeesigwa ab'okwagala Kwo. Tukozese nga ekikozesebwa, okusobola okuleeta okutegeeza eri ensi eno ejjudde ekibi, enkolimire gye tulimu leero, nti Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

189 Nze ku lwange, Katonda, leka mbeere musibe. Baganda bange bonna bwe bananjiwa, mikwano gyange gyonna bwe ginanjiwa, njagala kubeera musibe wa Yesu Kristo n'Ekigambo Kye, nsobole okunywezebwa ku Kigambo Kye, ku bw'Omwoyo Omutukuvu, okusobola okulaba Omwoyo Omutukuvu nga akakasa Ekigambo kya Katonda okuyita mu bintu byennyini bye yagamba nti birikolebwa. Njagala kubeera musibe wa Yesu Kristo.

Tusabe.

190 Ssimanyi oba, akawungeezi kano, nga tukotese emitwe gyaffe, oba nga ekiruubirirwa ekyo kye tulina, eky'okuba ekintu ekirala kyonna, oba ekintu kye tuyinza okulowooza, bwe kiba nga kya kweyagaliza nga ffe, ssimanyi oba tetusobola kukiteeka ku mabbali.

191 Ssimanyi oba omulenzi omuto ali wano, akawungeezi kano, bwe yeetolooza amaaso, agamba nti, "ŋŋenda kubeera, bwe ndikula, ndibeera kintu *gundi*." Ssimanyi oba osobola okuwulira okwagala kwa Katonda nga kutambula mu bulamu bwo, n'ogamba nti, "Nedda, nedda. Uh-huh, huh-uh. Nja . . . Ebiruubirirwa byange mbyesonyiye kati. Mu nnaku entono eziyise, Omwoyo Omutukuvu abadde ayogera gyendi. Nja—nja—nja—njagala kwewaayo eri Katonda, mbeere ekikozesebwa ekyo eky'okukungula mu nnaku zino ez'oluvannyuma."

192 Omuwala omuto ayinza okuba n'ebiruubirirwa eby'okufuuka omukyala ow'etuttumu lumu, oba—oba oli awo okuba omukazi alabika obulungi, oba lumu okufuula Hollywood omulimu gwo, Ne—nneewuunya oba nga mu kaseera kano toweeyo ebiruubirirwa byo mu Kubeerawo kwa Katonda

n'Ekigambo Kye, owulire okuyita kwa Katonda eri obulamu bwo. Katonda akumanyi.

193 Ssimanyi oba nga waliwo omuweereza w'enjiri ali okumpi, oba omuweereza, omukozi alina ky'akola mu kkanisa. Wano nzijawo, lumu na lumu. Kimu kya kusatu ku bantu abatudde wano ssi—ssibamanyi, akawungeezi kano, naye na . . . abantu bano ab'olubatu abali wano. Ssimanyi oba nga waandibaawo omuntu bw'atyo, nga wandyagadde okugamba nti, "Ssifaayo ku kiki omuntu omulala yenna ky'agamba. Ndi muddu wa Katonda kaakati. Ŋŋe—ŋŋe—ŋŋenda kubuulira Ekigambo Kye, ssi nsonga kiki ekibaawo kyonna. Ssifaayo oba, ekibiina kya—kyange kinangobera ebweru, era nja kusigala n'Ekigambo ekyo. Ŋŋe—ŋŋenda kukikola. Bye njagala okukola kaakano bifuuse ebyo Katonda by'ayagala bikolebwe. Katonda by'ayagala bikolebwe nange bye njagala bikolebwe. Nja kubeera musibe wa Yesu Kristo. Olw'ekisa Kye n'okuyambibwa, nja kukikola."

194 Kirowoozeeko, nga bwe tukotese emitwe gyaffe. Bameka nga olina ekiruubirirwa ekyo, akawungeezi kano? Yimusa omukono gwo. N'ogwange nguyimusizza, nagwo. Mpaayo byonna. Nga tukotese emitwe gyaffe kaakati, mpola mpola kati, nga bw'okirowoozaako kati, nga bw'osaba.

Mpaayo byonna,
Mpaayo byonna,
Byonna mbiwaayo eri Ggwe, Omulokozi wange
ow'omukisa,
Mpaayo byonna.

Mpaa- . . .

195 Okitegeereza ddala? "Njagala kubeera musibe.

Nja . . .

Ntwala, Mukama. Ntwala ew'Omubumbi, akawungeezi kano. Mmenyaamenya, oddemu ommumbe buto . . . ? . . . "

. . . eri Ggwe, Omulokozi wange ow'omukisa,
Mpaayo byonna.

196 Kitaffe Ow'omuggulu, nga oluyimba bwe lugenda mu maaso nga lukubibwa, ndabye nga kijja kuba kya mugaso nnyo mu kaseera kano, oku—okwogerako gy'Oli okumala akaseera katono wakati mu luyimba. Ng'abantu bwe bakirowoozaako ekyo nti, "Mpaayo byonna," Kitaffe, leka tukikole kino, nga gulinga guno gwe mulundi gwaffe gwe tusigazzaayo gwokka okukikola. Leka tujje n'obwesimbu, nga tujja eri emmeeza ya Mukama, nga, tulina ekyambalo ekyozeddwa, n'emmeeme ezinaaziddwa, n'engeri gye twagalumu ebintu bikolebwe enaaziddwa, n'ebiruubirirwa ebinaaziddwa, okusobola okwewaayo.

197 Awo Katonda addire Ekigambo Kye, atusibe wamu nakyo, Ekigambo kya Katonda. Era leka Omwoyo Omutukuvu atweddize kaakano, nga bwe tuwulira ekikoligo kye nga

kisibibwa ku mitima gyaffe nti, "Okuva akawungeezi kano, ŋŋenda kukukkiriza nga ekigambo kyo bwe kiri. Kaakati toddamu kulowooza ndowooza zo. Lowooza birowoozo Byange. Lowooza kw'ebyo Bye njagala bikolebwe. Nja kkukulembera." Katonda, tusaba bubeere obumanyirivu eri buli omu ku ffe.

198 Abavubuka bano abatudde wano; omwami n'omukyala; n'abalala abanaatera okufuuka omwami n'omukyala. Waliwo abasajja abakuliridde mu myaka abatudde wano, nga baweereza, babadde bakola mu mulimu. Era, Mukama, waliwo Ow'oluganda Neville, nange, tugenda tweyongera okusemberera entikko y'eddaala. Ennaku zaffe ziweddeyo kati. Ebigere byaffe tubyegendereza nnyo okusinga bwe twakolanga. Twegendereza we tulinnya. Tetukyalina mbavu mu bigere byaffe, bw'oyogera ku mibiri gyaffe, nga bwe twali. Naye, Mukama, nga bwe tulaba nga obulamu buno obw'okunsi buseebengerera, era tewali n'omu ku ffe mukakafu wa w'ayimiridde nga Ggwe totukutte ku mukono.

199 Kaakati, Katonda, tweddize, onaakikola? Kwata emitima gyaffe ne bye twagala bikolebwe mu mukono Gwo Ggwe, tubeere basibe bo, akawungeezi kano, eri Ekigambo, eri Kristo. Leka tutambulire mu bulamu obw'okutya Katonda nga tuli wano. Leka abakyala bano, abakyala bano abato, abasajja bano abato, abalenzi n'abawala, baweeyo obulamu bwabwe, Mukama. Era leka ekiruubirirwa kyabwe kifuuke ekiruubirirwa eky'okuweereza Yesu Kristo. Era leka tufuuke abasibe ab'ekisa Kye n'okwagala kwe eby'Obwakatonda. Kituwe, Mukama.

200 Ekyo kyokka kye mmanyi okukola, Mukama. Ebigambo ebyo eby'okugattirira, era nzi—nzikiriza nti ojja kubigatta wamu, nga bwe birina okuba. Kubanga, ebbugumu lingi munda wano, n'abantu baagala okuwulira, naye ebbugumu lingi nnyo. Era bangi balina okuddayo mu maka gaabwe ne ku mirimu mu budde. Naye leka ensigo ezo zinnyikire mu mitima gyabwe, "omusibe."

201 Baddeyo mu maka gaabwe bagambe bakyala baabwe, nga bwe. . .nga tebanneetegeka kufukamira wansi kusaba, ettuntu lino, manya akawungeezi kano, ku mabbali g'ekitanda, batunuuliragane, bagambe nti, "Ow'omukwano, okirowoozaako ki ekyo, eky'akawungeezi ka leero? Ddala twafuuka basibe ba Kristo n'okukola by'Ayagala, oba—oba tukolera mu ebyo bye twagala nga ffe?"

202 Leka abavubuka abato abalenzi n'abawala, buli wamu wonna, naddala abo abawulidde Obubaka, akawungeezi kano, beebuuze ekibuuzo ekyo kye kimu nti, "Ndi mwetegefu okufuuka omusibe, nga nneerekereza obulamu bwange?"

203 "Oyo alokola obulamu bwe, alibubuza, naye oyo alibuza obulamu bwe ku lwange alibuzuula." Kitaffe, tukimanyi, nti ekyo kitegeeza: kufuuka musibe Wo, kwerekereza ebiruubirirwa

byaffe ne bye tuyaayaanira, tusobole okufuna Ebibyo, olwo tufune Obulamu Obutaggwaawo. Kituwe, Mukama.

204 Kyokka kye mmanyi okukola, kwe kukiwaayo kati mu mukono Gwo. Era leka kibale ebibala era kiveemu ebikozesebwa eby'amaanyi—eby'amaanyi eby'amakungula g'ennaku ez'oluvannyuma, abasajja n'abakazi, abalenzi n'abawala, abeewaddeyo mu bujjuvu okukola Katonda by'ayagala, ne bafuuka abasibe ba Yesu Kristo, eri okwagala Kwe, nga basibiddwa n'enjegere ez'okwagala kwa Katonda eri Kristo. Tukisabye mu Linnya Lye.

Mpaayo byonna,

Tuyimirire.

Mpaayo byonna,
Eri Ggwe, wange. . .?. . .

205 Ekyo leka tukiddemu, nga tuzibiriza amaaso gaffe nga tuwanise emikono gyaffe.

Mpaayo byonna,
Mpaayo byonna,
Eri Ggwe, Omulokozi wange ow'omukisa,
Mpaayo byonna.

206 Kati, tukoteke emitwe gyaffe, era nga oluyimba olutusiibula terunnayimbibwa, olugamba nti, *Twalanga Erinnya Lya Yesu,* ŋŋenda kusaba ow'oluganda ono wano. . .nneerabidde erinnya lye. Mwannyinna eyawadde obujulizi obw'okwolesebwa obukwata ku kizikiza ekyakka, eyawonyezebwa. Era nzijukira, bwe nnatunula emabega, nga ekibikkako kivuddewo. Okukkiriza kwe kwe kwakikola. Tusiibule n'okusaba, ow'oluganda, onaatusiibula? Era tusabire emikisa gya Katonda.

OMUSIBE LUG63-0717
(A Prisoner)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokusatu akawungeezi nga, 17 Jjulaayi, 1963, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham mu Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Copyright notice

All rights reserved. This book may be printed on a home printer for personal use or to be given out, free of charge, as a tool to spread the Gospel of Jesus Christ. This book cannot be sold, reproduced on a large scale, posted on a website, stored in a retrieval system, translated into other languages, or used for soliciting funds without the express written permission of Voice Of God Recordings®.

For more information or for other available material, please contact:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org